# Yakuwa-Yireh #2

Grass Valley, California, USA

Julaayi, 06 1962

1 Webale nnyo Ow'oluganda Roy. Tusigale nga tuyimiridde akaseera katono nga bwe tusaba. Tukoteke emitwe gyaffe, bw'oba oyagala. Era ka tulowooze kati bwe wabaawo ekintu kyonna mu mutima gwo kye wandyagadde Katonda okukuddamu nga, ekiro kino, okusaba okumu, kimale kimanyibwe nga bw'ositula omukono gwo, n'ogamba nti, "Nnina okusaba mu maaso ga Katonda." Kati tukoteke emitwe nga bwe tusaba.

2 Kitaffe ow'omu Ggulu, kino tukitwala ng'enkizo ennene, okujja gy'oli; nga tumanyi kino, nti singa tujja mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, twasuubizibwa nti tujja kufuna bye tusaba. Kati tetujja ku Nnamulondo y'Omusango. Mazima ddala tetwandiyagadde kujja eyo, oba ku Nnamulondo y'Obwenkanya. Naye ffe ... tujja ku Nnamulondo y'Ekisa, gye tuli — tukakasa nti okusaba kwaffe kukkirizibwa. Kubanga, tetusobola kugumira musango gwo, era tetusobola kubeera mu bwenkanya Bwo, naye okusaasira Kwo kwe twegayirira. Kale, Mukama waffe, tusonyiwe ebibi byaffe. Tusaba nti ekyo Okituwe, era obeere naffe ekiro kino, oyanukule buli kye tusabye emikono egyo egiwanikiddwa kye bikiikiridde. Omanyi kiki ekibadde wansi w'omukono, mu mutima. Era, Katonda, awatali kubuusabuusa kyali kya bulwadde, n'obulokozi, n'abaagalwa. Tusaba ekiro kino, Taata, naddala eri abo, nti Ojja kukkiriza bye basaba.

3 Kati tubadde twogera ku muddu Wo omwesigwa, Ibulayimu, tugenda kweyongerayo naye ekiro kino, mu lugendo lwe. Tusaba otuwe omukisa nga bwe tukka mu kkubo ery'emyaka ebikumi n'ebikumi bingi emabega, n'omuweereza omwesigwa eyakkiriza Ekigambo kyo. Ka kibeere ekyokulabirako, nga Pawulo bwe yagamba mu Abebbulaniya, eky'ekyo Ibulayimu kye yali, ekyokulabirako. Era tusaba nti ye, okukkiriza kwe yalina, kujja kubikkulibwa gye tuli ekiro kino; okukkiriza Ekigambo kya Katonda, n'obutakibuusabuusa, wadde Ekigambo ekimu, naye okukikkiriza kyonna, n'okukkiriza byonna bye Yayogera. Era tusobole okunywerera ku bisuubizo bye yatukola, era tubeere abaana ba Ibulayimu nga tuli mu Kristo. Tukisaba mu Linya lya Yesu. Amiina.

Osobola okutuula.

4 Ow'oluganda Borders ansingako katono obuwanvu, kale nnina akazindaalo okukassaako wansi katono. Era mukisa gw'amanaanyi okuddamu okubeera wano ekiro kino mu lukuŋŋaana luno, n'okusabira abalwadde, n'okukola kyonna Omwoyo Omutukuvu ky'atulagira okukola. Njagala okwogera kino, nkyongereko. Ku ntambula zange zonna nga mpita mu U.S., Amerika ne Canada, nnalabye ekintu ekiro ekikeesezza olwaleero ekyansanyusiza okusinga obugaali bw'abalema bwonna bwe ndabye nga buviibwamu, n'emiggo gy'abalema gyonna nga giteekeddwa wansi, abazibe b'amaaso okulaba, bakiggala okuwulira, abakasiru okwogera, abafu ne bazuukizibwa, omusawo yassa omukono ku kiwandiiko nti "omuntu oyo yali afudde, n'azuukizibwa." Ebyo byonna bibadde bya ssanyu. Naye bwe nnalabye abantu ekiro ekikeesezza olwaleero, nga bammemba b'ekkanisa, nga bafuna Amazima ne bayimirira ddala wakati mu bantu, okwatula nti bakyamu era beetegefu okukola ekituufu, ekyo kye kyali ekisinga obulungi kye mmanyi.

5 Ekkanisa, Omugole kyandiba ng'amazze okulondeddwa. Ali mu kwetegaka kati. Okufunibwa Kwe ...

Okudda obuggya kwa ggwa. Ekyo tukimanyi. Tewakyaliwo mwoyo gwa kudda buggya. Essaawa bbiri mu lukuŋŋaana, buli omu abeera yeemulugunya. Mu kudda obuggya, kibeera misana n'ekiro, buli kiseera, tekimenya. Okudda obuggya kwaggwa. Era bwetutyo tuli mu kulonderera bulonderezi.

Ibulayimu yalina okukituuyanira okutuusa lwe yafuna empisa. Era awo bwe yafuna empisa, ekiddako kwe kumuteekateeka olwo asisinkane omugole omusajja. Ekyo ky'ekintu ekiddako. Ojjukira bwe yamusanga? Mu budde obw'akawungeezi, ekitangaala eky'akawungeezi.

Okukuba abakazi n'abasajja, bombi, ekiro ekikeesezza olwaleero; n'okubalaba, mu kussa ekitiibwa mu Kigambo, ne bayimirira ne bakkiriza nti bakyamu, baagala Katonda asonyiwe, era ne bagenda mu maaso. Kino kye kifo eky'okubeera n'okudda obuggya. Singa wandibaddewo okudda obuggya kwonna kwe mmanyi, kwandibaddewo wano wennyini, awali emitima egy'amazima. Lwaaki? Olina ekintu ky'olina okukolako, olaba. Ekintu ekimu … Abasinga bajja kwegulumiza, tebaagala obabuulire ku nsonga eyo; jjukira kyokka, ekika ky'ensigo ekyo nsigo ya ddiini, so si Nsigo ya Ibulayimu. Ensigo ya Ibulayimu eraba Ekigambo, era ekkiriza Ekigambo, mu bwangu.

6 Kamalaaya ako akatono, ku luzzi ekiro ekyo, omukazi ku luzzi ... Waaliwo bakabona ne balabbi abaali bayimiridde okwetooloola, nga batunuulira Yesu ng'akola, ng'abawa akabonero ke aka Masiya, akabonero akava mu Byawandiikibwa, ne bagamba nti, "Ye Beelzebub, sitaani, omulaguzi."

Naye amangu ddala ng'Ekitangaala ekyo kyakamyansa eri omukazi oyo omutono, bwe yamubuulira kye yali akoze, n'agamba nti, "Ssebo, ntegedde nti Oli Nabbi. Era tukimanyi nti Masiya ajja, era, bw'alijja, ajja kutubuulira ebintu ebyo." Laba, amangu ddala Ezzadde eryo eryategekebwa edda lyakikwata, kubanga lyali zzadde lya Ibulayimu, ddala. N'alaba Omusana. Kyali Kigambo. Yamanya nti Ekigambo kyakisuubiza ekyo, Masiya bw'anajja, ajja kukola ebintu ebyo, era yakitegeera.

Yesu yagamba nti, “Nze oyo ayogera naawe.”

Yadduka n'ayingira mu kibuga n'agezaako okumatiza abalala. Yagamba nti, “Jjangu olabe Omusajja Antegeezezza ebintu bye nnakola. Ono si ye Masiya yennyini?” Olaba?

7 Kati kambeeko ekigambo kye njogera eri bannyinaffe. Bulijjo mbadde ntwalibwa okuba omuntu akyawa omukazi, naye ssiri. Olaba? Bwe nnali nkyali mwana muto, nnafuna ekintu ekikaawa; naye bulijjo mbadde n'ekitiibwa kinene eri omukazi eyali omukazi, omukyala. Naye sirina kitiibwa kyonna eri abo abeeyita okuba nga naye si bwe kiri. Njagala nnyo okulaba omukyala, omukyala omutuufu ddala, oyo wa muwendo mungi nnyo.

Mu lunaku luno ng'abakazi bakyamye, abasinga bakyamye mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Lwaaki? Okwo kuva mu mulembe. Ojjukira kiki ekyasooka okukyama? Yali mukazi. Ekyo kituufu. Era mu lunaku olw'enkomerero! Kino tekitubangako; tubadde n'emyaka lukaaga ng'abakyala bagezaako okusigala nga bakyala. Kati bagezaako kweyisa nga musajja, okwambala engoye ng'omusajja, okusala enviiri ng'omusajja, n'ebirala. Ekyo tebaakikolako mu mulembe mulala gwonna. Baibuli kino ekiragula , nti kino bajja kukikola mu nnaku ez'oluvannyuma. Era awo we muli, okukyama kw'abakazi. Tekyewuunyisa nti Baibuli yagamba nti, “Abo abaasimattuse okuva mu Sayuuni baliba ba kitiibwa mu maaso ga Mukama, ku lunaku olwo.” Laba, eri abo abatoloka!

8 Ogamba nti, “Tekirina njawulo yonna.” Kikola enjawulo. Waliwo eyaŋŋamba si bbanga ddene emabega, n'agamba nti, “Ow'oluganda Branham, akatono ako tekakola njawulo.”

Ne ŋŋamba nti, “Kyakola eri Pawulo. Pawulo n'agamba nti, 'Malayika bw'ajja okuva mu Ggulu n'ayigiriza ekintu ekirala kyonna, akolimirwe.' Ka babe nga baweereza, oba malayika, oba omulabirizi, Paapa, oba kyonna ky'ali, akolimirwe bwe wabaawo ekikontana ne Kino.” Laba, ekyo kyennyini. Abaggalatiya 1:8, bw'oba oyagala okugisoma.

Era n'agamba nti, “Kale, sirowooza nti ...” N'agamba nti, “Ndabye abakazi abalina enviiri ennyimpi, nga bawombeefu era bawoomu.”

Kko nze nti, “Ekyo kituufu ddala, ekyo nange nkirabye. Naye ekyo si kye kyo. Laba, olina okutuuka ku ekyo Baibuli kye yayogera!”

Watya singa Katonda yagamba Musa nti, “Ggyamu engatto zo,” n'amugamba nti, “Mukama wange, nja kuggyako nkoofiira yange, mu kifo ky'ekyo”? Olaba? Olina okukola Katonda by'agamba nti kola! Era obuzibu bwakwo bwali, nti ndowooza, kiki ekinneeraliikiriza ennyo, nti abaweereza bajja kugumiikiriza ekintu ng'ekyo! Kiki ekyo? Kiraga nti ye Adamu ow'omulembe eyagenda ne mukyala we. Olaba? Katonda ayagala Adamu omulala ayimiridde n'Ekigambo, era Ye yekka, Ekigambo kyokka. Ekigambo kituufu, awatali kulowooza kwonna! Togenda mu kkubo eryo.

9 Tekibangawo, mu myaka kakaaga, ng'abakazi baagala nnyo okusala enviiri, okwambala ng'omusajja, okubeera abakyamye. Tuli mu kiseera eky'enkomerero. Era America, omuntu yenna amanyi obunnabbi, akimanyi nti America ekiikirira omukazi. Kino kiyitibwa “eddembe ly'abakyala.” Eddembe lya ki? Okukola nga bwayagala, kibi.

Omukazi tasobola kukola ky'ayagala. Bayibuli egamba nti si bwe kiri. Omukazi yava mu musajja. N'okubeera tali mu kutondebwa okwasooka. Ekyo kituufu ddala. Yaggyibwa mu musajja. Omusajja yali mukazi ate nga musajja; Yakwata omwoyo gw'ekikazi n'aguteeka mu lubiriizi olwava ku ludda lwe. Wuliriza! Okirabye Lebbeeka bwe yagenda okusisinkana Isaaka, bwe yabuuka ku ŋŋamiya, yabikka ku maaso ge? Lwaaki? Yali ajja eri mutwe gwe.

Tebakimanyi. Balina okukikola, mu ngeri yonna. Wali okyegendereza omukazi bw'afumbirwa, ateeka akatimba mu maaso ge? Lwaaki? Ajja eri omutwe gwe. Era Ekkanisa, Ekkanisa, nga ye Mugole, erina okwebikka eri ekiyiiye kyonna, ejja eri Omutwe gyayo, Ekigambo. Kristo ye Kigambo, era Ye Mutwe.

10 Kati mikwano, saagala kutandika ku ekyo. Na -na -Nnabadde ntunulako eyo olwaleero, mu byawandiikibwa ebikumi bitaano, bisingako ne ku byawandiikibwa ebikumi ebitaano, ku njigiriza eyeebuzibwa mu Bayibuli. Naye njagala kusigala ne Ibulayimu ku lukuŋŋaana luno, mu ngeri emu oba endala.

Omanyi, nkkiririza nti Mukama ayinza, singa ab'oluganda tebalina buzibu, era singa buli muntu, nandyagadde okudda wano tubeere okudda obuggya we muyinza okubeera okumala akaseera, olaba, we twandituukidde ddala wansi ne okusobola okulaba. [Ekibiina kikuba mu ngalo — Ed.] Mwebale. Mwebale. Mwebale. Nkimanyi nti wano waliwo ebyennyanja, nze—nze—nkimanyi. Era njagala nnyo okuvuba. Era mulina ebintu ebikozesebwa, omuntu omwesimbu. Omuntu yenna asobola okuba omukyamu. Tomanyi; Nfa buli lunaku, olw'ebikyamu byange, era nfuba okubeera mu maaso ga Kristo. Era omuntu yenna omukulu ekimala, era ng'alina Omwoyo wa Katonda amala okutambula waggulu n'akkiriza nti mukyamu, agamba nti, “Njagala ekintu ekituufu,” awo wennyini mbeera nfunyeewo obwesige bungi, kubanga, oyo ddala ye

Nsigo ya Ibulayimu. Baagala ku Kimanya. Tebakimanyi okuggyako nga bakiwulira. Naye kirina okuwulirwa okusooka, yagamba nti "Tutya ... nga tetulina mubuulizi? Era omubuulizi ayinza atya okubuulira okuggyako nga Katonda yamutumye?" Ekyo Mazima gennyini. Kaakati, weetegereze kati.

11 Tuddayo eri Ibulayimu kati. Kirungi tuddeyo gy'ali, awo, tukitwala mu maaso. Musobola okumpulira obulungi, waggulu mu kkalina waggulu awo? Tuli … Kirungi okulaba, ekiro kino, ekibiina ekirungi bwe kiti. Muli bantu balungi nnyo wano. Nkakasa nti ...

Nnabadde njogera ne mukwano gwange leero, ava mu Canada. Mukama yali ankulembedde wansi mu kifo ekimu gye nnalina okutunuulira ekintu ekigenda okubaawo. Era awo nga nnyimiridde ... Mukwano gwange ono, namusisinkanye, era yali ayogera ku ngeri abantu b'omu Amerika gye baali ab'omukwano. Era ne ŋŋamba nti, "Yee, era munda wano mulimu abamu ku —Ezzadde lya Katonda eryategekebwa edda, mu bifo bino n'okwetooloola, ne mu kifo kino ekisinga obubi." Sitegeeza kibuga kyammwe wano. Ekibuga kyange gye nva, nakyo kibi ng'ekyammwe. Naye ensi yonna mbi, naye buli kasasiro yenna akulukutidde mu mawanga g'obugwanjuba. Ekyo tukimanyi. Obugunjufu butambudde naye. Era obugunjufu we buli, awo ekibi we kiyingirira. Ekyo kituufu. Kitunuulire waggulu ne wansi wano. Bino bijja by'ababuulizi. Ekyo kituufu. Tunuulira Los Angeles, buli kimu na buli ddiini ya bulimba ekka awo wennyini, era buli muntu alina ekiyiiye, enjigiriza. Okuyingizaayo eyo Ekigambo, tosobola kukikola. Kyonooneddwa nnyo! Ekyo kituufu. Emisambwa, sitaani, ddala ku ntebe ya Sitaani! Naye ate era wakati mu byonna ebyo, waliwo Ensigo ezimu munda eyo, nayo. Era ekintu kyokka ky'osobola okukola kwe kusaasaanya Omusana. Era bwe kiba nga waliwo ekimu ku Kitangaala ekyo ... Bwe wabaawo Ensigo eyo, ejja kujja mu Bulamu amangu ddala ng'Ekitangaala kigikubye. Olina kusiga busizi Kitangaala, ky'ekyo kyokka. Era Ye ky'Ekitangaala kyakwungeezi, ekyo tukimanyi, Ekigambo Kye.

12 Kati, ekiro ekikeesezza olwaleero twavudde ku Ibulayimu. Nnatandikidde ku —ku ssuula ey'amakumi 22, naye saagimazeeyo, kubanga nazzeeyo nga nsinziira ku ekyo Ibulayimu kye yali ku ntandikwa. Era twamulese ekiro ekikeesezza olwaleero Katonda we yali akakasa endagaano naye. Oh, ekyo nkyagala. Okuyuzaamu eggye, okukola a—endagaano ne Ibulayimu. Era engeri gye twafunamu ... Bwe yayita Ibulayimu, era ng'agenda kukakasa endagaano gy'ali, Yamugamba atwale ensolo ssatu ez'emyaka esatu, azaawulemu. Era twalabye ebisatu. Tetulina budde kubigendamu. Owange, osobola okusigala ku ekyo, essomo eryo erimu awo wennyini, okutuusa ku makya, nnootasobola kulinnyonnyola. Naye ggwe omala ga kuba bifo ebya waggulu, n'osuubira Omwoyo Omutukuvu mu kiseera kino okubikkula ebisigadde.

13 Kati, engeri okutuukirira, Ssaddaaka etuukiridde, etuukiridde, Katonda atuukiridde mu bulamu bw'omuntu kye yali agenda okukola. Tukimanyi nti tulina ... Twalina Katonda Kitaffe, nga ye Yakuwa Omuyinza w'Ebintu Byonna. Awo Ekyo kyali mu Mpagi y'Ekitangaala, yatwala Isirayiri mu ddungu. Era Yakuwa oyo yennyini n'afuuka omubiri n'abeera mu ffe, mu ngeri y'Omwana we omu yekka, n'atonda Weema Ye Yennyini okubeeramu, Katonda yeeyolekera mu mubiri. Obulamba bw'Obwakatonda mu mubiri bwabeera mu Ye, okwolesebwa okutuukiridde. Olwo (okuyita mu ndagaano) ekitundu kye eky'obuntu ne kiggyibwawo, ne kisalibwako, asobole (endagaano eno) okwawula Omubiri ogwafa, Omusaayi ogwayiibwa olw'okusonyiyibwa ebibi, n'aguzuukiza n'aguteeka ku gwe omukono ogwa ddyo, n'asindika Omwoyo okuddayo ku lunaku lwa Pentekooti. Era Obulamu obwo bwe bumu obwali bubeera mu Kristo Yesu bulina okubeera mu bantu ab'endagaano, Obulamu bwe bumu nga bukola ekintu kye kimu. Yesu yagamba mu Yokaana 14:12 nti, "Akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Kati, ekyo kituufu oba kikyamu. Kirina okuba nga kituufu! Eri nze, buli Kigambo kyakyo kituufu. Buli Kigambo kituufu ddala. Weetegereze engeri Katonda gy'akolamu mu kitiibwa.

14 Era awo engeri nti ebyo ebya Kitaffe ... Nga Matayo bwe yagamba nti, "Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu Linya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Olaba? Kati, Kitaffe ... Tekitegeeza nti tulina Bakatonda basatu. Tulina Katonda omu mu ofiisi ssatu (Obwakitaffe, Obw'omwana, Omwoyo Omutukuvu), Katonda y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekyo kyennyini.

Kati weetegereze engeri ekyo gye kyayolesebwa Ibulayimu eky'ekitiibwa, n'engeri Katonda oyo, mu Kitangaala kino, gye yagenda wakati w'ebitundu bino, n'abisalaasala. Nga bwe kiri nti ... Twalabye ekiro ekikeesezza olwaleero, engeri gye baakola endagaano, ne bagiwandiika n'oluvannyuma ne bagiyuza, nti balina okukwatagana. Endagaano erina okukwatagana.

15 Kati mulaba mikwano, ekyo kye ngezaako okwogera. Ne mu bantu baffe ab'Abapentekooti, mutandise okujjamu gano amagezi ga sitaani, ng'agezaako okufuula abantu ... Kati, nkkiririza mu birabo bya Katonda byonna. Nzikiririza mu kuleekaana. Nzikiririza mu kwogera mu nnimi. Nzikiririza mu bintu byonna Katonda bye yayogera. Naye ate toyinza kwesigama ku kintu kyonna ku ebyo nga kye kivaako okufuna Omwoyo Omutukuvu. Laba, obulamu bwo bulina okugenda nakyo. Olaba? Byo … "Mmumanyibwa olw'ebibala byammwe." Olaba? Era ebyo bye bintu ebinneeraliikiriza leero, kubanga ndaba ekkanisa yange yennyini, ekkanisa ya Pentekooti, ng'efuuka "engeri eyo ey'ekifaananyi ky'okutya Katonda," ng'eva ku Mazima. Kyokka bw'obaleetera Amazima g'Ekigambo, bagagaana. Oluvannyuma babuuze nti, "Mujje mutuule nange," tebajja kukikola. Laba, kiraga nti waliwo ekikyamu. Ekyo kye kinneeraliikiriza. Era, kati, tekiri nti ndi mu kuwakanya kkanisa yange. Ndi …

16 Singa njagala Kristo, kyandibadde kirungi nnyo gyendi okwewaana ku Kkanisa ye okusinga okwewaana ku ye. Kubanga waakiri weenyumiriza mu baana bange okusinga okwennyumiriza mu nze. Era, jjukira, ntera okulowooza, singa nnalina amatondo abiri ag'Omusaayi gwa Yesu ogwa ddala mu bakuli, engeri gye Nnandigukutemu, nga sisobola kuguyiwa. Nanditambulidde ddala n'obwegendereza. Naye ekiro kino nnina ekinene okusinga ekyo, mu maaso Ge, nnina abaagulibwa Omusaayi Gwe. Laba, Yayiwa Omusaayi Gwe ku lulwo. Era ndi wano ng'omuweereza olwaleero, nga nkutte, oba mbasongera ku nkomekkero yammwe ey'Olubeerera. Kale sigenda kujuliza ku kiyiiye kyonna oba ekigunje kyonna; kiteekwa kuba Kigambo, 'kubanga ekyo kye kintu ekigenda okuwangaala. Okukkiriza kwange kuzimbiddwa ku Kigambo, era Kristo ye Kigambo. Era Kristo bw'aba afuuliddwa Ekigambo, olwo Ekigambo kyolekeddwa ddala mu ffe. Laba, kiteekwa okuba nga bwe kiri!

17 Kati, n'olwekyo, nzikkiriza nti Katonda w'Endagaano Enkadde, byonna bye Yali, Yabiyiwa mu Yesu Omwana We. Era byonna Yesu ow'Endagaano Empya bye yali, Yabiyiwa mu Kkanisa gye Yagula n'Omusaayi Gwe. Olaba? "Akaseera katono ensi," kosmos eyo, enteekateeka y'ensi, "tegenda kuddamu ku Ndaba. Naye mujja ku ndaba," mmwe, Ekkanisa, "kubanga nja kubeera nammwe, ne mu mmwe, okutuusa enkomerero y'ensi." Olwo Obulamu, Endagaano eyo, Omwoyo ogwo ogwaggyibwa mu Kristo e Kalvario, gukomezebwawo ne gufukibwa ku bantu, Ezzadde lya Ibulayimu, Katonda gwe yasuubiza. Jjukira nti tekyali eri ensigo ze zonna, wabula "Ezzadde."

18 Kati, waliwo enjigiriza ey'okwawulibwa edda nga eno evunze, terina makulu. Naye ddala waliwo okwawulibwa okuva edda okutuufu. Katonda, olw'okumanya edda, yali asobola okwawula eby'edda kubanga Asobola okumanya ebitannaba kubaawo. Katonda tayagala muntu yenna okuzikirizibwa, naye, olw'okuba Katonda atalina kkomo, yamanya ani agenda okuzikirizibwa n'ani atagenda kuzikirizibwa.

Eyo y'ensonga lwaki yagamba nga Isaaka tannazaalibwa oba — oba ... nga Yakobo oba Esawu tannazaalibwa, Yakyawa Esawu era n'ayagala Yakobo. Okumanya Kwe okw'ebyedda kwamuleetera okukimanya nti Esawu yali mukumpanya, era n'amutegeeza nti Yakobo yassa ekitiibwa mu ddembe eryo ery'obusika; ka kibeere ngeri ki gye yakifunamu, yali akyagala. Kati, abalenzi bombi, abalongo, abaazaalibwa okuva mu maama ne taata omutukuvu omu, naye omu yali mujeemu ate omulala yali — mukkiriza. Kati Katonda, olw'okumanya kwe okwasooka, ekyo yakimanya.

19 Kati, Katonda, olw'okumanya edda, Ye — Tateeka bizinensi Ye nga ... Bizinensi yo tewandikoze bw'otyo, nga ssi nywevu bwetyo. Katonda yali amanyi, olw'okumanya edda, ani agenda okulokolebwa, kale yatuma Yesu okukwata abo be yalaba nga bajja kulokolebwa. Soma Abeefeso, essuula 1, ojja kukiraba. Olaba? Kati, awo.

Olwo n'asindika Enjiri Ye wansi n'agisiga, n'asindika Omwoyo We okugifuula ennamu. Kaakati, byonna bijja kukulira mu nnimiro y'emu, Abaebbulaniya 6 etugamba nti, "Enkuba yo etonnya," Yesu yagamba, "ku nsi," era olaba mu ekyo, "okuteekateeka, okulima ensi; naye amagwa n'amatovu, ago agagaanibwa, enkomerero yaago kwokebwa." Kizuule? Kati jjukira.

20 Tujja kutwala ennimiro y'eŋŋaano. Bantu mmwemulima eŋŋaano wano. Era wano a —ekyeya kijja. Wano waliwo enanda oba omuddo gw'olina wano, omuddo ogumu ogumanyiddwa nga gukula mu nnimiro; enanda mu nnimiro, ebiwuka ebiyitibwa milkweeds mu nnamuziga ... ennimiro, amagwa mu nnimiro. Ne ŋŋaano eri mu nnimiro. Byombi birumwa ennyonta. Era enkuba tejja lwa muddo, wabula ku lw'eŋŋaano, naye omuddo ogwo omutono gujja kuyimirira ddala ne gusanyuka nga eŋŋaano bw'ejja.

Naye olw'ebibala byabwe bimanyibwa. Omwoyo gwe gumu gugwa ku munnanfuusi era ajja kuleekaana n'agenda mu maaso ng'abalala, naye obulamu bwe bwe bukakasa ky'ali. Olaba? Naye twesigamye nnyo ku kukyamuukirira. Era leero ennimiro ejjudde okukyamuukirira okwa buli ngeri, buli kika kyakukyamuka okutali kwa byawandiikibwa n'ebirala byonna. Butereevu. Naye tulina okukomawo ku Kigambo, Amazima g'Ekigambo. Ekigambo, kye Kyayogera!

21 Kati, Katonda ng'agamba Ibulayimu ekyo ng'ayita mu ye, endagaano ey'okusatu, era endagaano yokka. Yesu yekka yali bukakafu bw'endagaano gye Yakola ne Ibulayimu, Ezzadde ery'obwakabaka, Ezzadde ly'Omwoyo.

Era eri mmwe mikwano gyange egy'omuwendo Abakatoliki, bwe mugamba nti, "Mirembe, Maliya, nnyina Katonda," tokwatibwa nsonyi? Maliyamu asobola atya okuba maama wa Katonda? Yali tasobola kuba. Ogamba nti, kale...

Nali njogera n'omuntu olunaku lwaluli, byanjawulo. Baagamba nti —nti Yesu ye yali —ezzadde lya—ya Maliyamu. Singa yali zzadde lya Maliyamu; ensigo nga tennatuuka wansi ng'eyita mu muwaatwa, waali wateekwa okubaawo okukyamuka okugireeta. Olwo oba ofuula Yakuwa ... Olaba ky'omufuula okukola?

Katonda, Omutonzi, yatonda eggi n'akatoffaali k'Omusaayi, era n'aleeta Weema. Era omuntu teyalina kakwate konna ku Ggo! Yali Katonda yekka! Ekyo kituufu.

Yali mukyala mulungi, mazima ddala. Waliwo abalungi bangi abatudde wano ekiro kino. Era Katonda

bw'ayita mu kukozesa ekintu kyonna, kibeera kivuddewo. Era si mutabaganya. Ssi maama wa Katonda. Mukyala mulungi, omutukuvu ali mu Kitiibwa, kubanga yaweereza ekigendererwa kya Katonda. Era buli mukazi ali wano alina omukisa gwe gumu, mpozzi si mu ngeri y'emu, wabula okuweereza Katonda. Olaba? Katonda ajja kukukozesa.

22 Yamukozesa bukozesa ng'ejjalulizo, naye Omwana yali wa Katonda. Yee, Ye yali Omutonzi w'eggi n'omusaayi byombi. Era omusaayi, ddala, guva mu kitonde kisajja; era Ye yali Omutonzi w'ekyo. Era Maliyamu yazaala omwana ono awataali kukyamulwa kwonna, okujjako Omwoyo Omutukuvu eyamusiikiriza era n'atonda mu lubuto lwe akaweke k'Omusaayi kano n'eggi ebyavaamu Omuntu, Kristo Yesu.

Era eyo ye yali endagaano Katonda gye yali awandiika nayo, nti Katonda bwe yafuulibwa omuntu mu ffe, olwo n'akutulwamu. Laba, abasatu abo, ab'emyaka esatu, olwo ne bayuzibwamu. Era Katonda n'atwala ekitundu ky'Akyo e Waka wamu Naye, n'asindika ekitundu ekirala wansi wano. Kati Omubiri bwe gunaddamu okusisinkana, gujja kuba gulina okuba Obulamu bwe bumu obwali bufuga Omubiri ogwo bujja kuba bulina okuba Obulamu bwe bumu obufuga Omubiri guno. Era Ye yali Kigambo. Era Ye Kigambo! Olaba? Era emirimu Ekigambo gye kyakola mu kiseera ekyo gikola ekintu kye kimu leero. Ye Kigambo, Ekigambo Ekitaggwaawo. Era Ekigambo kya Katonda kya Lubeerera. Kaale.

23 Kati yali akola ki? Okukola ekkubo, okulaga, okumanya nti Isiraeri, ensigo ey'obutonde, bajja ku Mugaana; naye nga tumanyi nti Ezzadde ly'obwakabaka, si mu kwegatta ne Saala, wabula okuva mu kukkiriza Ibulayimu kwe yalina, okwazaala Kristo, oyo ly'Ezzadde ery'obwakabaka ery'amawanga gonna, ekintabuli, Omugole ava mu mawanga gonna. Ibulayimu, kitaawe w'amawanga, si lwakuba nti yalina ... yabeera ne mukyala we, Saala, n'azaala omwana, wabula kubanga yali akkiririza mu Kigambo. Amiina. Ekyo ky'ekyo.

24 Kati tusanga, oluvannyuma lwa kino, obumanyirivu buno obunene ennyo. Kati tujja ku ssuula ey'e 17. Tugenda kugezaako okutuuka ku ya 22, bwe kiba kisoboka. Essuula ey'ekkumi n'omusanvu. Oyagala nnyo olugendo ne Ibulayimu? Nze njagala nnyo okululaba. Kubanga lwaki? Buli kye yakola kyali kifaananyi kya Kkanisa ekituukiridde. Ekyo okikkiriza? Weetegereze, Ebyawandiikibwa byonna bikiwandiika.

Tunuulira Yoweri, yagamba nti, "Mu nnaku ez'enkomerero Katonda ajja kufuka Omwoyo We." Nga bwe wajja okubaawo kalusejjera akajja okulya ekkanisa Ye! Akawuka bye kaalekawo, kalusejjera; ne kalusejjera, akaacaaka." Era ekiwuka kye kimu, ekiwuka kye kimu mu mitendera ena egy'enjawulo. Buli omu alya ekitundu. Awo akaacaaka akakadde ne kajja manya kalusejjera ne kalyako ekikuta, ate akalala ne kalyako ekibala, awo -awo ate ne wajja ebirala ebyayonkamu obulamu. Awo we ...

25 Kristo, Omuti ogwo ogwali mu Lusuku Adeni! Mu Lusuku Adeni mwalimu emiti ebiri. Emiti gino ebiri gyateekebwayo olw'ekigendererwa ky'okuzaala. Era bwe ... Kaawa, yali muti gwa kufa singa akwatibwako. Era Kristo yali Muti gwa Bulamu. Kati okufa kwajja kuyita mu mukazi; Obulamu okuyita mu Musajja.

Kati bwe yayimirira wano ng'ayogera n'Abayudaaya, yagamba nti, "Nze ... wammwe ..."

Ne bagamba nti, "Bajjajjaffe balya maanu mu ddungu okumala emyaka amakumi ana."

Yagamba nti, "Era, buli omu, mufu! Naye nze Omugaati ogw'Obulamu, Omuti ogw'Obulamu, oguva eri Katonda okuva mu Ggulu, omuntu bw'alya Omugaati guno n'atafa emirembe gyonna."

26 Katonda yateeka ba Serafimu awo, nga bakuuma Omuti ogwo waleme kubaawo agukwatako. Kati Baserafi abaggyewo, okugezaako okubagoba ku Muti. Mu nnaku ezo, baalaba okwolesebwa, baali baagala ku Muti, okuddayo awatali kutangirira. Naye kati ng'okutangirira kuwedde, sitaani abaziba amaaso, okubazza oludda luno okuva ku Muti. Mwetegereze.

Kristo bwe yajja ku nsi, yali Muti gwa Katonda ogutuukiridde. Dawudi yamulaba mu Zabbuli 1, n'agamba nti, "Omuti ogusimbibwa ku mabbali g'omugga, emigga egy'amazzi." Emigga mingi, Amazzi gamu; ebirabo bingi, Omwoyo omu. "Ebikoola bye tebiriwotoka."

Naye bwe yajja ku nsi, kiki ekyaliwo? Amaanyi g'Abaruumi gaatema omuti ogwo ne Bamuwanika ku muti ogwakolebwa omuntu. Awo Katonda n'ayimusa Omuti ogwo n'aguteeka ku mukono ogwa ddyo, n'asindika Omwoyo okuddayo okumukolera Omugole, nga Adamu bwe yandibadde nabyo mu Lusuku Adeni. Era omuti ogwo bwe gwatandika, gwali muti gwa pentekooti.

27 Tuwulira Paapa ng'agamba nti, "Ekkanisa zonna, muddeyo mu kkanisa nnyaffe, okutuuka ku ntandikwa. Muddeyo e Rooma!"

Njagala munnabyafaayo omu, omuweereza omu, oba omuntu ayimirire, antunuulire mu maaso andage nti ekkanisa etandikira mu Rooma. Ekkanisa yatandikira mu Yerusaalemi ku lunaku lwa Pentekooti! Waali awo. Ekibiina kyatandikira mu Rooma, oluvannuma lw'emyaka bisatu n'ekintu. Naye Ekkanisa etandikira ku

Pentekooti; Katonda nga ayimusa omuti gw'Omugole ku lwa Kristo, n'Omwoyo y'omu eyali mu Kristo, ng'ayimusa omuti gw'Omugole. Era kiki ekyaliwo? Bwe kyatuuka okutandika okusinda, okukula, ekiwuka ky'Abaruumi kyakilinnya ne kitandika okukikutula. Kalusejjera kye kaalekawo, akaacaaka kaakirya, okutuusa kyatuuka ku kikolo.

Naye Katonda n'agamba nti, "Nja kuzzaawo, bw'ayogera Mukama." Omuti ogwo gugenda kuddamu okuvaayo, kubanga Omuti gw'Omugole gujja oluvannyuma lw'Omugole.

Awo Luther n'avaayo, yakola ki? Okugoberera okuggibwako omusango.

28 Eyo y'engeri yennyini ekkanisa gye yajjamu, Yokaana ng'abuulira okuggibwako omusango. Kristo n'ajja, ng'abuulira okutukuzubwa. Abaebbulaniya... Ntegeeza Omutukuvu Yokaana 17:17, "Batukuze okuyita mu Mazima, Kitange. Ekigambo Kyo Mazima." Era Ye yali Kigambo. Ekyo kituufu. Ye yali Ssaddaaka. Olwo, ku lunaku lwa Pentekooti, n'Omwoyo Omutukuvu. Okuggibwako omusango; okutukuzibwa; era omuti bwe gwafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, gwali muti gwa Mugole omujjuvu!

Abaruumi baagulya ne bagusuula wansi. Nga bwe kyakka wansi, bwe yagenda waggulu! Era nga bwe yatandika okulinnya nga eyita mu Luther, kiki? Oluvannyuma lw'okufa kwa Luther, baagikolamu ekibiina. Omwami yakola ki? Yasala emizabbibu emikadde egyafudde.

Ewala yagenda, ewala, omutima gw'omuti nga gukula. Gwe muti ogwategekebwa edda! Ensigo eyo egalamidde awo, erina okujja! Ne kiddamu okugendawaggulu nate, era Wesley n'atandika. Era baafuna okudda obuggya okunene wansi w'okutukuzibwa. Kiki ekyatuukawo? Yaddamu okugisalako, bwe baakolamu ekibiina. Ekibiina tekitaddangamu kuyimuka nate. Tewali na kimu kyali kigudde ne kiddamu okuyimuka nate.

29 Olwo ne wajjawo Abapentekooti, n'okuzzaawo ebirabo. Kyakola ki? Beekolamu ekibiina. Katonda yakola ki? Yakisalako!

Naye kiki kye yayogera? "Ndizzaawo, bw'ayogera Mukama." Ajja kuggya mu kibiina ekyo, Ekkanisa eyanaazibwa Omusaayi, eyagulibwa Baibuli, era enywevu mu Kigambo, Omugole! Ebitangaala by'akawungeezi bivaayo. Ebibala byengerera wa? Waggulu ddala ku muti. Wano ŋŋenda nate!

Okudda ku Ibulayimu, okuddayo, ka tugende ku Ibulayimu. Wano Y'ajja, Ensigo y'obwakabaka ey'akawungeezi ng'eyingira. Amawanga ... Weetegereze kati oluvannyuma lw'essuula ey'ekkumi n'omusanvu, tukizuula wano mu ssuula ey'ekkumi n'omusanvu, Katonda yalabikira Ibulayimu mu Linya lya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.

30 Ibulayimu yalina emyaka kyenda mu mwenda, era ebiseera bino byonna yali tawuuba, wabula yali akkiririza mu Kigambo kya Katonda; n'ayita ebintu ebitaali nga bwe biri, 'kubanga Katonda yayogera bw'atyo, ng'akyakkiriza nti omwana ajja kujja, ng'anywedde ku kisuubizo. Nga musajja! Nga waaluganda! "Ibulayimu, oyo awatali ssuubi ..." Olubuto lwa Saala lwali lufudde. Yali talina mugumba. Omubiri gwe mufu. Baibuli yagamba nti bwe kyali, nti omubiri gwe gwali mufu gwennyini. Era olubuto lwa Saala lwali lufudde. Era kati kumpi yali asemberedde emyaka amakumi ana ng'ayise ku kusulumba, era Ibulayimu yasigala akikkiriza, nti ajja kuzaala omwana kubanga Katonda yayogera. Awo w'oli. Okunywerera ku Kigambo 'kubanga Katonda yagamba bw'atyo! Ne bwe kiba ki, ebiyiiye ebyakibikka, era, na kati Ekigambo ekyo kyali kigalamidde awo! Kyalina okujja. Era Ekigambo ekyo nga kigalamidde mu mutima gwa Ibulayimu!

Ne bwe baba bameka abagamba nti, "Ennaku za kino ziweddewo, ne zaakiri ekyo." Kasita Ekigambo ekyo kigalamidde awo, kijja kutonda, kubanga Kigambo ekirina obulamu. Kubanga, Katonda ye Kigambo, era Obulamu bwa Katonda buli mu Kigambo. Weetegereze kati Ekigambo ekyo bwe kigwa mu Bulamu bwa Katonda, waliwo ekibaawo, kituuka. Kati weetegereze.

31 Awo n'amulabikira mu Linya lya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna. Kati, Katonda alina amannya musanvu ag'obununuzi agagatta. Era yamulabikira wano mu ngeri ya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, ekitegeeza "El Shaddai." Mu ... "Saddaayi," mu Lwebbulaniya. El kitegeeza "ow'amaanyi." Shad kitegeeza "amabeere," okufaananako ebbeere ly'omukazi. Era kati mu kifo ky'okuba "shad," ekimu; "Saddai," mu bingi. Kaakati nga kubudaabudda okulungi eri omusajja omukadde, ow'emyaka ekikumi, okukwata Ekigambo kya Katonda mu mutima gwe, oluvannyuma wano Eddoboozi lya Katonda lijja ne limugamba nti, "Nze El Shaddai. Nze Katonda alina amabeere."

Oh, nga tulina okubudaabudibwa! Kati, si, jjukira, si "bbeere" lyokka, wabula "amabeere"! "Yakubibwa olw'okusobya kwaffe; olw'emiggo Gye tuwonyezebwa."

32 Kati, maama, n'omwana we omuto, akola ki ng'alwadde era nga yeeraliikirira? Asitula omwana omuto. Amukwata n'amuteeka ku bbeere lye, era ye ... ayonka amaanyi ga maama mu mubiri gwe yennyini ng'ayita mu bbeere. Era takoma ku kumatira oba nti ... Asirika. Akuba enduulu okutuuka ku ntikko y'eddoboozi lye, yenna asumbuyibwa; naye maama bw'amusitula n'amuteeka ... n'amuteeka ku bbeere

lye, n'atandika okumuwuunira, okumuwuuba eno n'eri, awulira nnyina, omutwe gwe guli ku kifuba kye, n'atandika okuyonka n'okufuna amaanyi okuva ku nnyina, okuyingira mu mubiri gwe. Yeezza buggya, ng'azimba amaanyi; ate era nga mumativu, so nga buli lunaku yeeyongera okukula mu maanyi.

33 Nga bumanyirivu bw'amaanyi eri Ezzadde lya Ibulayimu! Akyali Katonda Omuyinza w'Ebintu Byonna, El Shaddai! Tusobola okukwata ekisuubizo kyonna kye yakola mu Baibuli. Ezzadde Lye, abaana Be, bw'oba mulwadde, kwata bukwasi ku bbeere ly'ekisuubizo ky'Ekigambo ekyagamba nti, "Olw'emiggo Gye tuwonyezebwa." Kimatiza! Era tuggya buli kiseera, amaanyi gaffe, okuva ku Oyo ow'amaanyi, El, ow'amaanyi, Oyo ow'olubeerera, nga tufuna Obulamu Bwe okuva gy'Ali, okuyita mu kisuubizo Kye.

Nga nneewulira nnungi gye kiwa omuntu ng'agalamidde ku kifuba kya El Shaddai, ng'akkiriza, ng'amanyi nti tuyonka amaanyi ga Kristo, okuva mu kisuubizo Kye, okudda mu ffe!

El Shaddai bwe yeesigamye Ibulayimu mu kifuba kye, emyaka abiri mu etaano emabega; omusajja omukadde, ow'emyaka nsanvu mu etaano, ne mukazi we nkaaga mu etaano; teyavangako ku Bbeere eryo. Yatambulira ddala mu nsi gye yali tamanyi, mu bantu abatamanyi Katonda, naye buli kiseera yawa obujulizi era nga mugumu mu kukkiriza, ng'atendereza Katonda, kubanga yali akimanyi nti yali aggya mu kisuubizo ekyo.

34 Nga ssuubi ddene eri ekkanisa ekiro kino, mu ssaawa ey'ekizikiza, enzikiriza enkyamu, okukyamuukirira, amagezi g'obuntu. Omwoyo Omutukuvu yagamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo ekkanisa ey'amagezi g'obuntu. Omwoyo ayogera mu ngeri ey'olwatu," Timoseewo Ekisooka 3, "mu biseera eby'oluvannyuma abamu baliva mu Kukkiriza, ne bassaayo omwoyo eri emyoyo egy'okusendasenda, n'enjigiriza za sitaani," mazima ddala, "nga balina ekifaananyi ky'okutya Katonda." Baali bakola ki? "Abakakanyavu, abeegulumiza." Doctor Ph.D., LL.D., QST, ebitiibwa bino byonna. "Lwaki, Dokita gundi ne gundi, ekiseera bwe kiti ne bwe kiti ye musumba waffe."

Waakiri omusajja omu mu maka gaffe, oba omwana wange, nga tamanyi njawulo wakati wa bijjanjalo biyiise ne kaawa, naye nga amanyi Kristo! Ekyo kituufu. Baako gy'omutwala e wala wabrweu ku kikonge ekikadde afukamire wansi ku maviivi ge osabe naye okutuusa Omwoyo Omutukuvu lw'ajja mu ye. Waakiri kisingako okuba n'oyo okusinga amagezi g'omubwongo gonna g'oyinza okumuyiwamu okuyita mu diguli y'obusawo. Mubuulire Ekigambo kya Katonda! Yee.

35 "Naye bakakanyavu, abeegulumiva, abaagala eby'amasanyu okusinga abaagala Katonda, abamenya amazima, abalumiriza eby'obulimba, abateefuga, era abanyooma abo abatuufu."

Oh, ogamba nti, "Abo Bakomunisiti." Nedda, nedda! Ekyo kye bayita Abakristaayo.

"Obalina ekifaananyi ky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakyo, abalinga abo kyuka okuva gye bali. Era abalinga abo beebo abagenda nga bava nnyumba ku nnyumba, nga bakulembera abakazi abasirusiru, abazitoowererwa okwegomba okwenjawulo, abatayinza kutegeerera ddala mazima." Ekyo kituufu. Ekyo bwe kiri. Era tulaba olunaku olwo.

36 Nga kubudaabudda kw'amaanyi eri omukkiriza, okweyawula okuva ku buli butakkiriza bwonna, ebiyiiye byabwe byonna ebitali bya bwa Katonda, enjigiriza zaabwe zonna ezitali z'abwa Katonda, n'atunula butereevu eri Kristo n'Ekigambo, era n'anywerera ku Kigambo okutuusa bw'okiraba nga kirabisiddwa. Ne bw'oba olina okulinda ebbanga ki, sigala awo! Katonda yakisuubiza. Yakukulembera okukituukako, kinywerereko! Sigala awo. Tokizaayo mabega. Sigala awo wennyini. Bw'oba okikakasa, ojja kusigala awo. Naye bw'oba obuusabuusa, ojja kusumululwa buli kamu konna katono katono. Enkima ekwata ebintu ebimasamasa, naye eddubu lyo likwata ne linyweza. Kale, ggwe kisigaleko! Yee, sigala n'onywezezza, kwata bulungi!

37 El Shaddai! Yagamba nti, "Nze ndi El Shaddai. Ibulayimu, nze ow'amaanyi. Oli musajja mukulu. Kati olina emyaka kikumi, amaanyi go gonna gaweddewo; naye nze Maanyi go! Essuubi lyo lyonna liweddewo; naye nze Ssuubi lyo!"

Oh, ggwe abonaabona, ekiro kino, wano ebweru ne kookolo n'ebirala, tosobola kulaba Amaanyi go gye gava? Si kuva mu kiso ky'omusawo alongoosa, wabula okuva mu Kigambo kya Katonda! "Nze Mugabo gwo! Nze Maanyi go! Amaanyi go ogajja mu Nze!"

ssi kunnyooma musawo alongoosa kati; akola ekitundu kye ekiri gy'ali. Naye Katonda ye Muwonya. Tewali musawo alongoosa, tewali musawo, tewali ddagala liwona. Nedda ssebo, tebalina ddagala lyonna lisobola kuwonya. Kati, omusawo yenna ekyo ajja kukikugamba . Balina biyamba, naye Katonda ye Muwonya. Bayinza okukusala ekituli mu ngalo, naye Katonda alina okukiwonya. Tebalina kintu kyonna kizimba binywa; singa basobola, bandibadde basobola okuzimba omuntu. Kale olaba Katonda ye Muwonya. Osobola okuyunga eggumba, naye Katonda alina okuliwonya. Katonda ye Muwonya, "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna." Era tosobola kulimbisa Kigambo kya Katonda; Kijja kudda butereevu mu mazima buli mulundi, kijja kukomawo butereevu. Tosobola ku Kifuula kya bulimba.

38 Kati bagamba nti Bayibuli ekontana yokka na yokka. Nsabye, era ŋŋambye abasajja nti nja kubawa omusaala gw'omwaka mulamba gwe nkoledde, bwe mba nsobola, buli kimu kye nsobola okukola, okundaga ekigambo kimu mu Baibuli ekikontana n'ekirala. Ekyo kituufu. Tekiriiyo. Kiri nti kubanga ebirowoozo byo eby'omubiri bibitunuulira mu ngeri gye bitunuuliramu. Omwoyo Omutukuvu ye Muvvuunuzi w'Ekigambo ekyo. Ekigambo ekyo kituufu, kiteekeddwa wamu. Kyonna kiri awo kiringa kazannyo akaakakunizo, naye kyetaagisa Omwoyo Omutukuvu okukigatta awamu, okukifuula ekifaananyi ky'okununulibwa kwa Katonda n'emikisa Gye eri abantu Be. Amiina. Tekyekontana! Tewali Kyawandiikibwa n'ekimu, tewali lunyiriri lw'akyo, olukontana n'olulala. Bwe kiba bwe kityo, tekisaanira lupapula lwe kyawandiikibwako, kirimba. Katonda talimbalimba. Katonda wa mazima, mwenkanya, mutukuvu, mwesimbu. Ye Katonda.

39 Kati, Ibulayimu bwe yafuna ekigambo kino, nti "Nze El Shaddai. Nze Akuwa Amaanyi go! Mukyala wo, olubuto lwe lw'akala dda, alina emyaka ana yayita ku kusulumba, omubiri gwo kumpi mufu; naye nze El Shaddai." Yazaala Isimayiri, omanyi; naye N'agamba nti, "Oyo si ye. Nedda, ajja kuba musajja w'amaanyi. Agenda kuzaala abalangira bangi nnyo. Naye gwe nnakola naye ekisuubiza, ali wakati wo ne Saala." Ekyo ky'ekyo! Amiina. Ibulayimu yawulira bulungi ddala.

N'agamba nti, "Kaakano njagala okubaako kye nkubuuira, Ibulayimu. Ŋŋenda kukyusa erinnya lyo." N'agamba nti, "Tokyayitibwa Ibulaamu, wabula Ibulayimu." Ibulaamu kitegeeza "waggulu — taata wa waggulu." Naye Ibulayimu kitegeeza "kitaawe w'amawanga." Era S-a-r-a-i terikyali; ye S-a-r-a-h, Sarah, "omumbejja." Yakyusa erinnya lyabwe! Nga a —erinnya eryakyusibwa! Waliwo kyatuukawo kubanga baali... Laba, wateekwa okubaawo enkyukakyuka nga ebintu tebinnabaawo. Yali tasobola kubawa mwana kasita erinnya lyabwe lisigala bwe lityo.

40 Era tosobola kuzaalibwa mulundi gwa kubiri kasita erinnya lyo libeera nga teriri mu Kitabo ky'Eggulu. Oyinza okuliteeka ku buli kkanisa, Methodist, Baptist, Presbyterian, n'olitambuza okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala, ng'okaayana nabo bonna; naye kijja kuba kirina okuteekebwa ku Kitabo ky'Eggulu nga tewannabaawo kintu kyonna kigenda mu maaso, awo obutonde obuggya busobole okujja. Obulamu obupya nga tebunnajja, amannya gaabwe galina okukyusibwa. Oyinza okuba nga naawe, olina okukyusa eriryo, okuva ku bimu ku bitabo bino ebikoleddwa abantu, okudda ku Bitabo by'Eggulu.

"Era eyo, erinnya lyo tokyali Ibulaamu, 'kitaawe omukulu'; naye ye Ibulayimu, 'kitaawe w'amawanga.' Tokyali (Saala), Salaayi, wabula Saala, 'omumbejja.'"

41 Oh, wano tutuuse kati mu ssuula ey'e 18. Okuva ku 17, ka tugende butereevu ku 18, 'kubanga byonna biri ... Saagala kukivaako wala nnyo ekiro kino, okubakuumira wano, 'kubanga njagala mukomewo ekiro ky'enkya. Kati weetegereze. Era tujja kutuuka, mu bwangu nga bwe tusobola, ku 22. Laba kati. Bwe lwatuuka olunaku nga lumu , mpozzi, tugambe, ennaku bbiri oba ssatu oluvannyuma lw'ekyo, Ibulayimu ne Saala, weema zaabwe zaateekebwawo.

Wansi eri wammanga mu kibuga,nteebereza Mukyala Lutti yali ayambadde engoye zonna empya ez'omulembe ze baalina wansi awo. Era yali akola enviiri zonna ne buli kimu kye baalina. Yali abeera mu bulamu obw'ebbeeyi, era ng'alina bawala be bonna mu ngeri y'emu. Mu ngeri y'emu yennyini maama w'abenzi omukadde gy'akoze leero, era n'akola bawala be bonna okukola ekintu kye kimu.

Kaakano, naye Saala, naye eyali omukazi asinga okulabika obulungi mu nsi yonna, n'asigala mu nsi etaliimu bimera, kubanga yali anyweredde ku oyo eyalina ekisuubizo. Kati kirungi nveeko wano wennyini, 'kubanga nja kugenda, nja kuba ... Nja kubakuumira wano okutuusa mu ttumbi. Yanywerera ku Ibulayimu. Ekyo kituufu. Yalina ekisuubizo.

Nnywerera ku Kristo, Y'oyo alina ekisuubizo! Ye y'Ekisuubizo. Ye Kisuubizo! Mwetegereza.

42 Olunaku lumu enjuba yavaayo nga eyokya ddala ku makya agamu, Ibulayimu yali atudde ebweru mu kisiikirize kya weema ye eyo ku mabbali g'omuti gw'omuvule. Era yatunula wansi, kiteekwa okuba nga zaali ziwera essaawa nga ttaano, n'alaba abasajja basatu nga bajja, nga bajja gy'ali, enfuufu ku ngoye zaabwe. Era Ibulayimu n'adduka. Waaliwo ekintu mu mutima gwe ekyamuleetera okuwulira obulungi ddala, era n'adduka n'afuluma n'agwa wansi ku bigere byabwe. Era laba, n'agamba nti, "Mukama wange!" Si kya kyewuunyo? Basatu ku bo; naye "Mukama wange"!

Laba Lutti. Babiri ku bo bwe baaserengeta eyo, babiri bokka, n'agamba nti, "Bakama bange." Lutti yabayita "bakama." Ibulayimu ... Lutti yayita, babiri, "bakama."

Ibulayimu n'ayita basatu ku bo nti, "Mukama wange! Mukama wange!" Amiina! Oh, ekiseera kituuse! Weetegereze, yagamba nti, "Mukama wange, bwemba nga nfunye ekisa mu maaso go, jjangu otuule wansi w'omuvule. Ka ndeete amazzi amatono, nnaazze ebigere Byo, era mulyeeyo akatundu k'omugaati. Kubanga eno y'ensonga yokka Ekuleese, kundaba." Ne batambula okutuuka.

43 N'afuluma n'ayita emabega w'eweema, n'agamba nti, "Saala, fumba mangu emmere, okole emigaati ku kyoto." Yafuluma n'afuna akayana akatono, n'akatta n'akategeka, n'akasalaasalamu, n'aleetayo ku muzigo n'amata, era — n'abiteeka wansi mu maaso g'omusajja, ne balya.

Era Omu ku bo yali Katonda yennyini! Ekyo Baibuli kye yayogera. Kati bw'oba oyagala okukaayana nakyo, genda mu maaso. Yamuyita “Elohim, Katonda.” Alina okuba nga yali amanyi; yali ayogera Naye. Weetegereze, “Mukama Katonda!” Kati, Omu ku bo yali Katonda. Era n'amutunuulira. Ibulayimu yakitegeera. Kati laba awo.

44 Omuweereza yang'amba lumu, n'agamba nti, “Ow'oluganda Branham, totegeeza kungamba nti okkiririza ekyo, nti Omusajja oyo yali Katonda?”

Nagamba nti, “Ibulayimu yagamba nti Yali. Abavvuunuzi bonna bakivvuunula mu ngeri y'emu, ennene M-U-K-A-M-A. Era omuntu yenna asoma Baibuli akimanyi nti M-U-K-A-M-A enene ye Elohim. Kiva mu kigambo kye kimu, Elohim! 'Ku ntandikwa, ku ntandikwa, Katonda yatonda,' Elohim, Omuyinza w'ebintu byonna, eyeebeezaawo yekka, 'yatonda Eggulu n'ensi.' Eyo Ali nate, ng'ayimiridde mu maaso ge ddala.”

Yagamba, “Kale, omanyi,” n'agamba, “oyo — oyo yali musajja busajja.”

Kko nze nti, “Mazima, Alya ennyama, Alya, anywa amata, era Ye — era Ye — era Alya omugaati.” Nagamba nti, “Mazima, Yali Katonda.”

N'agamba nti, “Ekyo kisoboka kitya?”

Kko nze nti, “Mukulu, ggwe —gwe ...”

Kansuubire tebalumya nneewulira yo; baali Bajulirwa ba Yakuwa. Era n'aŋŋamba, n'agamba nti, “Kale, Mwami Branham, laba wano, njagala okubaako kye nkubuulira. Ekyo Katonda yali tasobola kukikola.”

Ne ŋŋamba nti, “Ggwe tomanyi bumanya Katonda wange. Ky'ekyo kyokka.” Ne ŋŋamba nti, “Omubiri gw'omuntu gukolebwa mu ki? Petulooli, potaasiyamu, n'ekitangaala eky'omu bwengula, ebirungo kkumi na mukaaga. Ekintu kyokka Katonda kye yalina okukola okukka wansi n'anoonyereza ku Sodomu, Yagamba ... Yajja buzzi n'eyeefunirayo olubatu lw'ekitangaala ky'omu bwengula ne petulooliyamu, awo 'Whew!' N'agamba nti, 'Jjangu wano, Gabulyeri, yingira wano.' Ekyo kituufu. N'akwata wali n'afuna olubatu lw'enfuufu endala, 'Jjangu wano, Mikayiri, yingira wano.' Naye ne Yeekolerayo gumu. Yalina okukiikirira ekintu kye yali agenda okuba mu nnaku ez'oluvannyuma, kale ajja wansi ddala n'ayogera mu mubiri gw'omuntu. Kituufu ddala. Oh, nsanyuse nnyo nti Wa kikula ekyo!

45 Olunaku lumu wayinza obutabaawo na kintu kyonna ekisigaddewo ku nze. Nange, nnakolebwa mu ebyo ebirungo ekkumi n'omukaaga. Nali nsanyirira enviiri bbiri oba ssatu ze nnasigazza, olunaku lwa luli. Mukyala wange yantunuulira, era n'agamba nti, “Billy, ogenda ofuuna ekiwalaata.”

Ne mugamba nti, “Mukwano, sifiiriddwako n'olumu ku zo.”

N'agamba nti, “Watera okuba n'enviiri ezikutte.”

Ne ŋŋamba nti, “Yee, naye sifiiriddwako n'olumu ku zo.”

N'agamba nti, “Nsaba ontegeeze wa gy'eziri.”

Ne ŋŋamba nti, “Awo, mukwano ombuulira gye zava bwe nnali sinnazifuna. Era yonna gye zaali nga sinnaba kuzifuna, gye ziri eyo zinindiridde okujja gye ziri.”

46 Amiina! Ekitiibwa! Baibuli yagamba nti, “Tewali luviiri n'olumu olw'oku mutwe gwo olurizikirizibwa!” Aleluya! Ekyo kituufu ddala. Tekyali bwe kityo, naye bwe kiri; era naye si bwe kiri, olwo bwe kiri. Butereevu. Kyeekyo! Petulooliyamu, ekitangaala eky'omu bwengula, kalusiyamu, potasiyamu, n'ebirala. Katonda … Bwe ndiba nga ssirina kyendi, nga sirina kintu kyonna ky'osobola kulaba, vvu lyokka, Ajja kwogera, hallelujah, ng'agatta oyo potasiyamu ne petulooliyamu wamu, awo mbeere mulamu nate mu Kubeerawo Kwe. Aleluya! Atuwa Obulamu Obutaggwaawo. Amiina. “Bonna Kitange Bampadde, tewali n'omu yabula, era nja kumuzuukiza nate mu nnaku ez'enkomerero.” Nkikkiriza! Ng'Ezzadde lya Ibulayimu, nnindiridde olunaku olwo! Nnoonya Ekibuga Omuzimbi n'Omukozi waakyo ye Katonda. Amiina. Butereevu. Ssi nsonga guno ne bwe gunaafuna enkanyanya ne guggwaawo, n'enviiri ne zigwa, ssi nsonga kiki ekituukawo, Katonda ajja kuddamu okuguyimusa nate, mu kitiibwa ky'obuvubuka nate, ku lunaku olwo olusembayo. Yasuubiza nti ajja kukikola, era nnonya Ekibuga ekyo! Amiina. Oh, owange! Mpulira nga ndi wa ddiini nnyo mu kiseera kino, nga mmanyi, era essuubi eryo ery'omukisa linnindirira Eyo. Nze nnonya Ekibuga ekyo. Omutima gwange gukuba nga gwolekera gye kiri. Oh, sijja kukyuka mu kkubo wadde erimu, naye ntunule butereevu mu Kifo ekyo. Katonda, nnyamba okusigala awo wennyini, ow'amazima era omwesigwa, nga nsuula omuguwa gw'obulamu, buli wamu, n'okuleeta buli mulamazi akooye gwe nsobola, okugenda naye.

Yee, nalina okwolesebwa ku kyo si bbanga ddene emabega, ne nkiraba, ne ndaba abaagalwa bange awo, nga bazzeeyo okuba abato nate. Kiri awo. Kiri awo. Nkimanyi nti kiri awo! Yee, ssebo! Kati, osanga mwakisoma mu Christian Business Men's Voice, n'obutabo bw'amawulire bungi n'ebirala bya kijjuzaamu. Mikwano, ekyo tekyali kwolesebwa. Nze ndabye okwolesebwa, nkimanyi, kulina okumanya kwe kulina,

emitwala n'emitwalo kw'Ampa. Naye kino tekyali kwolesebwa. Nali awo, nga nnyimiridde awo wennyini, nga ntunula emabega. Era nkimanyi nti kiri awo. Kiri awo mikwano, kiri awo! Nkimanyi nti kiri awo! Yee ssebo! Nga bwe nkakasa nga bwe nnyimiridde wano, kale nnyamba, bwe mba nfunye ebirowoozo byange ebituufu era nga nnyimiridde wano ku kituuti kino, kiri awo! Katonda akoze ekisuubizo kye, era kituufu, kituufu nnyo! Yee, ssebo. Kiri awo. Weetegereze.

47 Kati tukizudde, omusajja bano batuula wansi ne balya. Babiri ku bo ne basituka ne baserengeta e Sodomu. Omu yasigala ne Ibulayimu. Ka tulabe emboozi yaabwe. Baasigala batunuula okwolekera Sodomu. Era Ibulayimu yakimanya nti waliwo ekintu ekyewuunyisa katono ku ekyo. Kale n'agamba, olwo bwe yeetegekera okugenda, n'agamba nti, "Olowooza nsaanidde okwekuuma Ibulayimu; okubeera nti agenda kubeera taata w'amawanga, mmanyi engeri gy'anaakuzaamu abaana be, n'ebirala; ekintu kye ngenda okukola?" N'agamba nti, "Ebibi bya Sodomu bifuuse bibi nnyo okutuusa lwe byatuukirira ne biyingira mu matu Ge." Yakka wansi okunoonyereza.

48 Kati jjukira, nga bwe nnagamba ekiro ekirala, babiri ku babaka abo ne baserengeta e Sodomu, ne babuulira Abasodomu abo; ne babaziba amaaso ekiro ekyo, eri Kigambo. Naye, jjukira, waaliwo Omu; bo, baali balina akabonero kaabwe, Omugenyi mu bo.

Laba Lutti. Lutti ng'atudde ku mulyango, n'agamba nti, "Bakama bange." Era yali abeera mu ngeri eyo! Ne bagamba nti, "Muyingire mu nnyumba yange." N'agamba nti, "Tujja kwebaka mu kkubo." Nga maka!

Naye amangu ddala nga Ibulayimu; ne bagamba nti, "Kino kye kigendererwa ekyatuleese. Tugenda kutuula wano ku mabbali go."

49 Eyo y'engeri. Beera bw'otyo, nti Katonda bw'aba yandiyagadde okukukozesa, amanyi bulungi w'anajja okukufunira. Oli mu kifo, obeera mu bulamu obuyonjo mu maaso ga Katonda, ebigambo byo bya bwesimbu, obulamu bwo bwa mazima. Ekyo ky'ekika ky'ekifo Bamalayika we bajja. Laba — Elizabeth ne Zaakaliya, laba, omugolokofu omwesimbu, atambulira mu Mateeka gonna aga Mukama. Eyo y'engeri gye twagala okubeera, kale Katonda bw'ateekateeka okutukozesa, agamba nti, "Bano be bantu bange. Nsobola okukola n'ekkanisa eno kye njagala. Banzikiriza. Bayimiridde ku Kigambo kyange." Laba, eyo y'engeri gy'oyagala okukola, beera mu bulamu.

50 Kati tukizudde nti Malayika ono, Yagamba nti, "Sigenda kwewala Ibulayimu. Naye ng'enda kukukyalira okusinziira ku kiseera ky'obulamu." Era, weetegereze, Teyamuyita Ibulaamu, Yamuyita "Ibulayimu." Yamanya atya nti erinnya eryo lyali likyusiddwa? Ye yakikyusa. Tewali kubuusabuusa. Weetegereze, teyamuyitako Salaayi, omanyi, S-a-r-a-i. S-a-r-a-h, "Mukazi wo Saala ali ludda wa?" Yamanya atya nti mufumbo? Yamanya atya nti alina omukyala, era erinnya lye ye Saala?

Ibulayimu n'agamba nti, "Ali mu weema emabega wo." Nga mukyala wa ddala!

51 Leero, abakazi nga bakaluba nnyo! Buli … Omwami waabwe tasobola na kwogera. Bayimirira wabweru eyo, sigala mu ngalo, nga bambadde empale ennyimpi, nga beeboogera bokka. Nga ekika ky'abantu ekikyamye, alina kuba mufumbi omukulu n'anaaza ecupa, ebirala byonna! Bw'ava mu ffumbiro, ava mu kifo kye waakolera, kituufu, nga maama.

Kati tukizudde, abakyala mu biseera biri nga basigala emabega ne beeyisa bulungi, ne beeyisa ng'abakyala, omutwe gwabwe gwe gwakolanga okusalawo n'ebintu.

Era mmwe mugezaako okuleka omusajja omu okubuulira mukazi we; agamba nti, "Nja kukuwa otegeere kaakano!" [Ow'oluganda Branham afuuwa — Ed.] ng'afuuwa omukka ogwo okuva mu kamwa ke, ng'alabika bw'atyo, engeri eby'ekivve gye birabika. Ekyo sikirabangako! Era oyinza okukuba akafaananyi ebweru awo, n'oyimirira awo ng'otunuulira omuntu oyo, n'otegeera omwoyo ogumuli munda eyo, n'ebintu ebyo; era oboolyawo n'okuyimba alina kwaaya mwayimbira mu kkanisa emu Oh, nga lunaku lwe tubeeramu! Tekyewuunyisa nti tuli ku lunaku olwo! Nsuubira musobola okujja amakulu mu kye ntegeeza.

52 Weetegereze, awo we kyali. Saala yali mu weema, yasigalayo ng'akola ebibye. Ibulayimu yali akola ku kyakunnyumiikiriza Bamalayika bano. Kati, era N'agamba nti, "Ngenda kukukyalira."

Era Saala yali awuliriza. Era n'asekera mu kimugunyu, n'agamba nti, "Nze, omukazi omukadde, omukadde nga nze, era ne mukama wange oyo naye mukadde, ne bagamba nti tugenda kuddamu okusanyuka ng'omwami n'omukyala?" Era n'aseka.

Era Malayika, ng'amukubye omugongo, n'agamba nti, "Lwaki Saala asese?"

Jjukira, ako ke kaali akabonero akasembayo nti Ezzadde lya ... oba Ibulayimu yennyini, nga kino kye kifaananyi ky'Ekkanisa, ke kaali akabonero akasembayo ke yafuna. Okuva ku bubonero obulala bwonna bwe yafuna, ako ke kaasembayo nga Sodoma tannasaanyizibwawo. Ekyo kituufu? Akabonero akasembayo!

53 Isiraeri, ezzadde eryagoberera Ibulayimu. Era Abasamaliya, eyali ensigo eyagaanibwa ab'olulyo olutabuddwatabuddwa, nga Bamunoonya, naye; ne bagamba nti, "Kitaffe Yakobo yatuwa oluzzi luno," omukazi bwe yagamba e Sukali. Olaba? "Kitaffe Yakobo, ye -ye yawa Yusuufu oluzzi luno, mutabani we, era -era tubadde tunywa okuva mu lwo, era yagabiriranga eŋŋamiya ze. Era Ogamba nti Olina amazzi, ebintu ebiringa ebyo?" Olaba? Era akabonero akasembayo ensigo ya Isiraeri, ey'obutonde, ke yafuna, kaali kabonero ka ngeri y'emu! Whew! Tosobola kukiraba? Lowooza okumala eddakiika!

Akabonero akasembayo Ibulayimu n'endagaano, akabonero akasembayo nga tannagaana kkanisa ya kibuguumirize, n'okuzikirizibwa kwayo, kaali kabonero ak'okutegeera ebirowoozo mu mitima ne mu birowoozo, Katonda yeeyoleka mu mubiri gw'omuntu.

Era akabonero akasembayo Isiraeri ke yalaba nga tannasalibwako, kaali kintu kye kimu. Ne bagamba nti, "Ye Beeruzebuli; omulaguzi."

54 Kati y'essaawa! Katonda, kino kibbire munda! Kati ye ssaawa, eyo, Ezzadde ery'obwakabaka erya Ibulayimu! Okifuna? Katonda yeeyoleka mu mubiri gw'omuntu, n'abawa akabonero kaabwe akasembayo ng'okuzikiriza kwa beekibuguumirize tekunnabaawo n'okugenda nga bwe kyali. Okusembayo! Ekitiibwa ekisembayo eky'okudda emabega kwa Lutti! Ekyo kireke kibbire eddakiika emu yokka.

Ibulayimu, omu; Ezzadde lya Ibulayimu ery'obutonde, bibiri; Ezzadde lya Ibulayimu ery'obwakabaka, ssatu.

Laba, Obubaka tebugenda n'abakibuguumirize wabweru eyo. Ye ddi lwe bwagenda gye bali? Bwasindikibwa mu bapentekooti, abalonde, abaggibwaayo.

Era nga Isiraeri bwe yakola mu kiseera ekyo, kyenda- ... Laba bameka, laba bameka Isiraeri abaakifuna. Ekiseera bwe kyatuuka okulinnya eyo, ku bukadde nga buna waaliwo kikumi mu abiri.

55 Kati laba Ensigo y'obwakabaka. Laba, kiteekwa okujjira mu mirundi egyo esatu, laba, buli w'okitwala. Abantu ba Kaamu, Seemu, ne Yafesi. Ezzadde lya Ibulayimu ery'obwakabaka! Waliwo Ibulayimu; ensigo ey'obutonde; Ezzadde ery'obwakabaka. Buli kimu! Ezzadde ery'obwakabaka liri mu Kristo, okuyita mu ... Tutuuse ku kisuubizo kya Ibulayimu Katonda kye yamuwe okuyita mu Kristo, Ezzadde ery'obwakabaka. Era lino ly'Ezzadde ly'obwakabaka, Ekkanisa eno eya Mukama waffe Yesu gy'azzaawo mu nnaku ez'oluvannyuma. Ezzadde ery'obwakabaka! Weetegereze, yafuna akabonero ako! Era Ezzadde ery'obwakabaka yennyini yagamba, bwe yali wano nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Ezzadde ery'obwakabaka, Ezzadde lya Ibulayimu, abaayitibwa okuvaayo; ne Lutti, muganda we, ow'ekibuguumirize, wansi mu Sodoma; ne banna Sodoma, ensi. Leero, ensi; ekkanisa yo mu nsi; n'Ezzadde ery'obwakabaka. Ddala, batudde mu kifo kyennyini na buli kimu, mu ngeri yennyini okusinziira bwe kirina okubaamu. Era Katonda, n'ekisuubizo Kye, azze wansi , ng'Ayoleka ekintu kye kimu. Amiina. Bwe kiba nga tekituukiridde, simanyi kutuukirira kye ki. Bye Byawandiikibwa!

56 Obadde n'okwogera mu nnimi, okuzina mu Mwoyo. Mubadde n'okukyamuka kuno kwonna kwe mubadde nakwo, mulabye ebyamagero eby'okuwona, ne — n'obugaali bw'abalema, n'ebirala. Ebyo byonna tubirabye. Naye wano, kakaano akabonero akasembayo okukoleddwa kazze waggulu kati. Ibulayimu yalaba ebintu ebya buli ngeri Katonda bye yamukolera mu kkubo, mazima, naye wano we wajja akabonero akasembayo, ng'omwana eyasuubizibwa tannajja. Era kati Ezzadde ery'obwakabaka linoonya Omwana eyasuubizibwa. Aleluya! Ffe, tunoonya Omwana eyasuubizibwa? Omwana wa Katonda okukomawo! Aleluya! Oh, ekyo kindeetera okuwulira nga njagala okuleekaana. Laba! Ezzadde ery'obwakabaka linoonya Omwana eyasuubizibwa. Nga Ibulayimu bwe yakola okuyita mu myaka, ng'atunuulira, ng'anywedde ku Kigambo ekyo, n'Ezzadde ery'obwakabaka bwe liri. Era Ezzadde nga litunuulidde Omwana ono ajja, okujja kwa Mukama, okuyita mu kisisimuko ekisooka, ekisisimuko eky'okubiri, ekisisimuko eky'okusatu, okutuuka ku kisisimuko eky'omusanvu, era wano tukyanoonya Ezzadde ery'obwakabaka. Era kiki kye tulaba ng'okujja kwa Mukama tekunnatuuka? Kiki ekibaawo? Katonda ajja wansi wakati mu ffe, ng'alaga Ezzadde ery'obwakabaka nga bwe yakola ezzadde lya Ibulayimu; ne Ibulayimu, n'ezzadde lya Ibulayimu, era wano bwe kiri n'Ezzadde ery'obwakabaka. Katonda ng'abeera mu ffe mu ngeri y'Omwoyo Omutukuvu, ng'akola ebintu bye bimu bye yakola emabega eyo, ng'akola, ng'alaga nti kye kimu.

Era ku kunoonyereza kwa ssaayansi ku kifaananyi, ensi emanyi, ensi ya ssaayansi emanyi nti kituufu.

Ekkanisa emanyi nti kituufu, mu nsi yonna.

57 Era nzikiriza nti buli Nsigo eyategekebwa edda eri kumpi okuyingira, oluggi lunnaatera okuggalwaawo, era omusango gunaatera okukuba. Ekyo kituufu. Katonda tajja kuwakana na muntu bulijjo. Ajja kukola kyonna ky'asobola. Naye essaawa esembera mikwano. Mwetegereza.

Ŋŋenda kubaako ekintu kye mbawa ekinnaabayamba kati. Jjukira, ekintu ekyalina okuddamu okutuukawo kati? Nga tebannafuna zzadde ddangira, waali wateekwa okubaawo ekyamagero ekituuka ku bombi Ibulayimu ne Saala, mu mubiri, nga tewannabaawo zzadde ddangira ... oba nga ensigo

tennazaalibwa. "Kati, Omubiri gwa Ibulayimu kumpi gwali mufu," Bayibuli bwegamba. Si bwe kiri? Bayibuli bwe yagamba nti: "N'olubuto lwa Saala lwali lufudde." Kati waali wateekwa okubaawo ekintu ekimu eky'omubiri ekibaawo nga ensigo y'obwakabaka tennabaawo ... ensigo okusobola okulabika, omwana eyasuubizibwa. Omwana oyo eyasuubizibwa nga tannalabika, wateekwa okubaawo ekintu ekimu eky'omubiri ekibaawo mu mubiri gwabwe, nga omwana eyasuubizibwa tannalabika. Laba Kye yakola. Ŋŋenda kubaako akantu akatono ke mbawa.

58 Kati, okusoma Baibuli, lugero lwa mukwano Katonda lwe yawandiikira Ekkanisa Ye. Ye Katonda. Katonda kwagala. Ekyo okikkiriza? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." — Omuk.] Era Baibuli yawandiikibwa mu ngeri nti abasomye n'abagezi baleme kugitegeera. Olina okubeera mu mukwano ne Katonda okusobola Okugitegeera. Olina okuba ne Katonda mu ggwe. Ye yevuunula gy'oli.

Kati, kiringa bwe nnafuna omukyala. Oh, nga mmwagala nnyo! Mwagala nnyo n'omutima gwange gwonna. Era nnabeeranga emitala w'amayanja awantu awamu awo omukyala na...oluvannyuma lw'okutwala abaana okwebaka, ng'ampandiikira ebbaluwa, n'agamba nti, "Mukwano Billy, ndi wano ekiro kino, nkulowoozaako. Nkuwandiikiwa." Laba, mmanyi by'awandiika ku lupapula. Naye mmumanyi era mmwagala nnyo okutuusa nti mmanyi n'okumanya obutonde bwe, mmanyi ky'ategeeza, nsobola okusoma nnentegeera kyategeeza. Olaba?

Era Katonda ayagala Ekkanisa ye basome ng'abategeera kyategeeza. Obutasoma kintu kyonna okukijjamu kati! Olina okusoma wakati w'ennyiriri okulaba kye kitegeeza. Kati tunula olabe, ozuule oba Tekikikola.

Kati, Katonda kye yakola ne Ibulayimu ne Saala, abalaga, ekyokulabirako ky'Ekkanisa Ye. Yabakolera, Bombi yabazza emabega babeere omusajja omuto n'omuwala omuto. Mazima, Yakikola, yabazzaayo okuba abato nate, nga bw'Agenda okukola ku buli Nsigo ya Ibulayimu yonna. Ne bw'oba olina emyaka emeka era ng'omenyese otya, waliwo olunaku olujja lw'onooddamu okuba omuto era omulungi, ekyo kituufu, ekitiibwa ky'obulamu.

59 Nabuuza omusawo mu bbanga ttono nti, "Mbuulira ssebo. Buli mulundi gwe ndya , nzizza buggya obulamu bwange."

N'agamba nti, "Yee ssebo, ekyo kituufu."

Nnamugamba nti, "Kaakano, Katonda yagamba nti 'twakolebwa kuva mu nfuufu y'ensi.'"

N'agamba nti, "Ekyo kituufu. Enva endiirwa n'ennyama n'ebintu by'olya nfuufu. Bw'ofuna potasiyamu wo ne kalusiyamu n'ebintu mu vitamiini zo, olwo ebyo obiggira ddala mu nsi. Era mwakolebwa kuva mu nfuufu y'ensi."

Ne ŋŋamba nti, "Hum. Kati, Katonda yasooka kugitonda bw'atyo."

N'agamba nti, "Ekyo sirina kye nkimmanyiko, naye" n'agamba nti "Nkimanyi nti kati olya emmere n'ezimba omubiri gwo."

Ne ŋŋamba nti, "Nkusaba." Ne mugamba nti, "Awo ombuuza ku kuzaala kw'embeerera?"

N'agamba nti, "Yee ssebo, bwe kiri."

Ne ŋŋamba nti, "Njagala okubaako kye nkubuuza, musawo. Nnyinnyonnyola kino."

N'agamba nti, "Kale, ekintu kyonna ekitasobola kukakasibwa mu bya ssaayansi si kituufu."

Ne ŋŋamba nti, "Nja kutwala oludda luli olulala, nti ekintu kyonna ekikakasibwa mu ssaayansi si bwe kiri, tekiriimu kintu kyonna mu kyo." Era ne ŋŋamba nti, "Ebintu byokka ebituufu ebiri mu bulamu bye bintu ebitasobola kukakasibwa mu bya ssaayansi: okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obukkakkamu, obugumiikiriza, okukkiriza. Binkakase mu ssayaansi? Naye ate nga byannamaddala! Katonda, Omwoyo Omutukuvu, Bamalayika!" Amiina! "Okukkiriza kwe kukola ebintu ebyo. Buli ky'olaba kiva mu ttaka, kiva mu ttaka nnyaffe, kiddayo mu ngeri y'emu." Ne ŋŋamba nti, "Njagala okubaako kye nkubuuza. Bwe nnali wa myaka kkumi na mukaaga, nnalya emmere y'emu gye ndya mu kiseera kino. Nnalya ebijjanjalo, lumonde, n'omugaati, n'ennyama. Era buli lwe nnalyanga, nnayongeranga obunene n'amaanyi."

N'agamba nti, "Mazima, wali ozza buggya obulamu bwo."

60 Ne ŋŋamba nti, "Lwaki kiri nti, bwe nnamala okuyita emyaka nga abiri mu ebiri, omuntu omulala yenna, ne bw'olya otya, weeyongera kunafuwa na kukaddiwa? Lowooza ku nsonga eno." Ne ŋŋamba nti, "Nnina ekikompe ky'amazzi wano, nnina n'egiraasi; ne ntandika okuyiwa amazzi okuva mu kikompe kino ekinene ekingi mu giraasi eno, ne gatandika okujjula okutuusa lwe kijjula ekitundu; era awo nga tewali kintu kyonna wansi wano n'akatono, gye nkoma okuyiwa, gye kikoma okugenda wansi. Ne bwe ndya kwenkanawa, bulungi kwenkana ki; Kati ndya bulungi okusinga bwe nnali ndya, emirundi kikumi."

Nkimanyi bwe kyali okulya eddiba ly'ennyama ekiro kyonna, n'okulya omugaati gwa kasooli ku ky'enkya n'omubisi gwa muwogo, n'ekintu kye kimu eky'emisana n'ekyeggulo. Nkimanyi kye kyali okubeera mu bulamu obuzibu, era kati nsobola okulya obulungi. Mukama yeebazibwe. Naye ssi nsonga ndya nkwenkana ki, nneyongera kunafuwa na kukaddiwa. Era gye binnagwera nja kukala nfe. Lwaaki? Lwaaki? Kintu Katonda kye yategeka okuba bwe kityo. Ekyo kituufu. Yee, ssebo.

61 Era weetegereze Ibulayimu ne Saala, baddayo ku myaka nga abiri mu ebiri oba abiri mu etaano.

Oh, ggwe ogamba nti, "Tebirina makulu, Ow'oluganda Branham!" Kirungi, kati tuula okkalire okumala eddakiika emu yokka, ka tusome wakati w'ennyiriri omulundi gumu.

Amangu ddala nga Bamalayika abo bamaze okugenda, era Sodomu n'ayokebwa, Ibulayimu ne Saala baakwata olugendo oluwanvu nga bagenda wansi okutuuka e Gerali. Lwali lugendo lw'amaanyi eri abo abaagalana abakadde. Kipime ku maapu yo. Baaserengeta e Gerali. Era wuuno Sarah kati, jjajja, ow'emyaka kyenda, ng'ayambadde akakoofiira akatono, ng'akankana. Ne Ibulayimu ng'ekirevu kye ekiwanvu kireebeetera wansi. Bayibuli yagamba nti, "Bombi baali bakuzze bulungi mu myaka." Togezaako kugamba nti baawangaala nnyo. Era Baibuli yagamba nti, "Emibiri gyabwe gyombi gyali gifudde, nga gikubiddwa emyaka." Era wano baali baserengeta wansi e Gerali. Era waliwo kabaka omuto wansi awo ayitibwa Abimereki, era yali anoonya omwagalwa, era bwe yalaba Saala n'amwagala. Ekyo kituufu? Jjajja?

62 "Lwaki, ggwe asinga!" Ibulayimu n'agamba nti, "Oli mulungi okutunuulira." Amiina. "Nkwegayiridde, mugambe nti oli— oli mwannyinaze." Aleluya! Yali alaga eyo ky'agenda okukolera Ezzadde lya Ibulayimu lyonna. Saala yali mulungi nnyo. Ibulayimu yali muto. Nsobola okuwulira Ibulayimu ng'agamba nti, "Mukwano, Saala, omanyi ki, envi zivudde mu nviiri zo."

"Ibulayimu, ebbango livudde mu mugongo gwo. Oli mu kwegolola." Baddayo ne bafuuka omulenzi omuto n'omuwala omuto. Katonda, ng'alaga! Oh, owange!

63 Abimereki n'amwagala, n'agenda mu maaso n'amutwala, yandibadde amuwasa. Mmulaba ng'anaaba, n'agalamira ng'ayambadde akapale ke ak'omunda, n'awanika obugere bwe waggulu, ng'amaze okusaba essaala ze, n'agamba nti, "Enkya ŋŋenda kuwasa omwana oyo omulungi ow'emyaka kikumi"? Kibi! "Omuwala oyo Omuebbulaniya omulungi! Oh, muganda we, omuvubuka oyo! Era nga mulungi nnyo!"

Katonda n'amulabikira mu kirooto, n'amugamba nti, "Oli mulungi ng'omufu."

N'agamba nti, "Mukama, lwaki ekyo?"

N'agamba nti, "Oyo mukazi wa musajja."

N'agamba nti, "Wamanya obugolokofu bw'omutima gwange, Mukama. Omukazi yagambye nti, 'Oyo muganda wange.' N'omusajja yagambye nti, 'Oyo Mwannyinaze.'"

Yagambye nti, "Yee, mmanyi obugolokofu bw'omutima gwo, y'ensonga lwaki nakukuuma obutannyonoona." Naye wuliriza! "Naye ggwe oli mulungi ng'omufu, n'eggwanga lyo lyonna liweddewo. Omwami we nnabbi Wange. Sifaayo oli omutukuvu kwenkana wa, engeri gy'osabamu, sijja kuwulira ssaala zo. Naye omwami we nnabbi! Genda, ozzeeyo mukazi we akusabire. Bw'otokikola, ojja kufa." Aleluya!

64 Kyali ki? Katonda nga ategekera Saala ne Ibulayimu okufuna omwana eyasuubizibwa. Okulaga nti ekiddako oluvannyuma lw'okwolesebwa kwa Malayika ono wa Katonda, Omwoyo Omutukuvu okulaga akabonero ke akasembayo, ekiddako, omuntu ono afa atwala obutafa era tukwatibwa mu bbanga okusisinkana Omwana eyasuubizibwa, Ezzadde ly'obwakabaka lya Ibulayimu. Ekitiibwa kibeere Katonda! Aleluya! "Kubanga tujja kukyusibwa mu kaseera katono, mu kaseera katono, era tujja kukwatibwa wamu okumusisinkana mu bbanga. Bwe tutyo bwe tulibeera naye emirembe gyonna, Omwana eyasuubizibwa." Aleluya!

65 Oh, sigenda kufuna ... Nja… Osanga enkya ekiro nja kutuuka ku ssuula ey'amakumi 22, olaba.

Oh, nkyagala nnyo, si bwe kiri? Nsanyuse nnyo, ebintu bino byonna! Baibuli ejjudde ebintu bino eby'omuwendo omungi. Kka bussi wansi era obijjeyo, obisanguleko ettaka omale obitunuulire. Buli kimu ku byo kikiikirira Yesu Kristo, buli muntu, kubanga mu Ye mwe mwali obulamba bwa Katonda. Mu Ye, buli kimu mwe kisonga. Byonna okuva mu ndagaano enkadde byasonga ku musaalaba; era bwe kiri ne mu Ndagaano Empya, esonga ku musaalaba. Ekyo kituufu. Byonna biri omwo. Oh!

> Gwa mukisa ogwo omuguwa ogutusiba.
> Emitima gyaffe mu kwagala kw'Ekikristaayo;
> Okussa ekimu mu birowoozo by'obwa sseruganda
> Bufaanana ng'ekyo ekiri waggulu.

Nga mmwagala nnyo! Nga njagala nnyo okumulaba! Nga njayaana era nnindiridde omubiri guno omukadde ogukubiddwakubiddwa, omutima ogumenyese, omubiri oguyuliseemu okuba nga gudenda

kukyusibwa olumu ku makya gano! Ekkondeere lirivuga era abafu mu Kristo balizuukira. Tujja kutwalibwa waggulu nabo, okusisinkana Mukama mu bbanga.

66 Nga Lebbeeka oyo bwe yafukirira eŋŋamira eyo mu kawungeezi akaweweevu. Eliezer teyamusanga ku makya. Teyamusangako mu budde bwa misana; yamusanga mu kitangaala eky'akawungeezi. "Walibaawo Ekitangaala mu budde obw'akawungeezi!" Kituufu! Awo we yamusangira. Yabikka ku maaso ge. Yali talina mutwe; yali agenda eri mutwe gwe. Amiina. Omukazi, butonde bwe, okwewaayo eri omusajja. Era bwe butonde bw'ekkanisa okwewaayo eri Kristo, okwewaayo eri by'ayagala. Okwewaayo kwokka! Terina kulowooza kwayo nga yo; etwala Kigambo Kye, so si kya muntu mulala. Singa Kaawa yakola ekyo, tetwandibadde na kufa; naye yawuliriza okukubaganya ebirowoozo. Naye Omugole wa Kristo omutuufu atwala Omukulembeze bwa Kristo, Ekigambo, era akkiriza Kigambo kya Katonda kyokka. Oyo y'omugole omutuufu, eyakomezebwawo. Aleluya! Kumpi ekiseera kituuse mikwano, obudde bugendedde ddala okusinga bwe mulowooza. Tuli mu budde bw'akawungeezi. Omwoyo Omutukuvu ali wano ekiro kino. Nkimanyi nti kibiina kitono, ekitono.

67 Wandilowoozezza nti, "Oo, singa ekintu ng'ekyo kyandibaddewo, Katonda yandikyolekedde waggulu mu Rooma, eri abalabirizi ne eri ba ppaapa. Yandizze eri omulabirizi w'Abamesodisiti. Yandigenze mu seminaliyo y'Ababaputisiti. Yandibadde ..." Yee, ekyo ky'olowooza. Naye Takikolangako bw'atyo.

Ajja eri abawombeefu, abo abamunoonya. Era Ali wano ekiro kino, Omwoyo Omutukuvu, Katonda, Malayika y'omu; wano mu maaso ga bannassaayansi, ng'akakasa, Wuuyo awo n'ekifaananyi Kye ekyakwatibwa. George J. Lacy, akulira ebiwandiiko bya FBI ebikwata engalo, yagamba nti, "Ekitangaala kyakuba ku ."kirawuli Yagamba nti, "Mw. Branham, njogedde emirundi mingi nti gaali magezi ga mu bwongo, nti wali osoma ebirowoozo by'abantu abo. Naye" yagamba "eriiso ery'ekyuma erya kkamera eno terisobola kukuba magezi ga mu bwongo. Ekitangaala kyakuba ku kirawuli. Kyali awo!" Kiikyo awo. Ekimu ku byo kiwanikiddwa mu Washington, D.C., tekikirizibwa kugibwaawo, "Ekitonde kyokka eky'obwa Katonda ekyali kikwatiddwa ebifaananyi bya ssaayansi era ne kikakasibwa."

68 Lwaaki? Singa nfa ekiro kino, singa siddamu kujja ku kituuti kino ekiro ky'enkya, ebigambo byange Mazima. Kubanga, si bigambo byange, bibye. Nze sigambangako nti "yenze." Si nze. Nnali sisobola kukola kintu kyonna. Nze ndi musajja nga ggwe, mwonoonyi eyalokoka olw'ekisa. Naye Katonda, mu nnaku zino ez'enkomerero, ebintu bino yabisuubiza, era biibino wano! Kye Kigambo. Singa lwali lufumo olumu, kyandibadde kyanjawulo. Naye Kigambo ekikakasa Ekigambo n'Ekigambo, ekikakasibwa, okuyita mu Baibuli. Kikakasiddwa bannassaayansi! Kikakasiddwa Omwoyo! Kikakasiddwa ekkanisa! Katonda wakati mu ffe! Aleluya. Ekyo nkinsanyusa nnyo. Toli musanyufu, ekiro ekikeesezza olwaleero, wayimiridde n'okola okusalawo okwo? Kyakuleetedde okuwulira mu ngeri eyenjawulo? Bulijjo kijja kukikola, ng'oyimiridde ku Kigambo kya Katonda. Yimirirako ku lwa Kristo! Tokkwatirwa nsonyi.

Tusabe.

69 Waliwo Omuntu yenna wano ekiro kino ayagala okuwanika omukono gwo akaseera katono kati, n'ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, nzijukira mu kusaba kwo. Nja, njagala nnyo okubeera omu ku Nsigo ezo eza Ibulayimu. Sa —saagala kusubwa Ggulu. Saba, Ow'oluganda Branham. Bulijjo wansi mu mutima gwange nawulira nga waliwo kye nkunukkiriza. Kye sinnaba kusobola kufuna. Nsabira, Ow'oluganda Branham, Katonda akimpe"? Katonda akuwe omukisa. Laba emikono, buli wamu, nga gijja waggulu.

Ate abali mu kkalina? Kati, jjukira, Katonda mukulu nnyo mu kkalina nga bw'Ali wansi wano.

Ddala oli mwesimbu, okitegeeza? Yimusa omukono gwo. Katonda akuwe omukisa. Nkyalinzeeko okumala akaseera. Musigale nga musaba, mukuume emitwe gyammwe nga mugikotese.

Omwonoonyi munda wano ekiro kino ayandiyagadde okuwanika omukono gwo, ogambe nti, "Nzijukira, Mukama. Siwanise mukono gwange eri omubuulizi oyo; Omukono gwange nguwanise gy'Oli. Nzikiriza mu mazima nti Oli mulamu leero, nti Tofangako; era bwe Wafa, Wamala n'ozuukira nate. Era Oli mulamu emirembe gyonna, y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Nyimusa omukono gwange gy'Oli, kubanga nkkiririza nti Oli wano"? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nzijukira, Mukama." Sigala ng'osaba kyokka. Mubeere n'okukkiriza mu Katonda.

Abadde, yaddirira? Katonda akuwe omukisa. Alaba emikono gyo.

70 Kitaffe ow'omu Ggulu, Olaba emikono egyo. Omanyi ekiri emabega waabwe. Wagamba nti, "Omusizi yagenda ng'asiga Ensigo. Ezimu zaagwa ku mabbali g'ekkubo, tezaakola kalungi konna; ezimu ne zigwa ku ttaka ery'amayinja; ezimu mu maggwa; ezimu ne zivaamu emirundi kikumi." Omusizi yali avunaanyizibwa ku kusiga Ensigo zokka. Omwoyo Omutukuvu akwate Ensigo eyo kati. Mukama, ffe ... Nzi—nzikiriza, Mukama, ffe ...

Tewali musajja amanyi ddi lw'Ojja. Ekyo tetukimanyi. Wagamba nti, "Ne Bamalayika tebakimanyi; Kitaffe yekka yekka." Yesu yagamba nti Yali tamanyi. "Kitange yekka."

Kaakano, Kitaffe, nsaba nti bwe wabaawo abo munda wano abawanise emikono, nzikiriza nti ekyo babadde bakitegeeza. Waliwo Ekintu emabega waabwe, ekyo, Omwoyo, ogubagambye okuyimusa emikono gyabwe, era ne bakikola. Beesimbu. Oboolyawo guno gwe mulundi ogusoose Okwogera nabo, era guyinza okuba nga gwe mulundi ogusembayo. Oboolyawo Wayogera emirundi emirala, nga tojja kuddamu kwogera nate. Simanyi. Naye, Kitaffe ow'omu Ggulu, nsaba nti Owe obulokozi eri buli muntu yenna akkiriza.

71 Leka Erinnya Lyo Ettukuvu lireetebwe mu kitiibwa mu maaso g'abantu. Okwagala Kwo kuyiwe ebweru mu buli mutima olw'Omwoyo Omutukuvu. Bano ab'oluganda abaweereza bawe omukisa Mukama. Bano abasajja ob'omuwendo wano wakati mu butakkaanya, baamaze, nga mpita. Wa omukisa abantu abazze okubaawo.

Sitegeeza kwegulumiza, sitegeeza kubeera wa njawulo, Mukama; kuba w'amazima. Era ekyo ky'ekintu kyokka ky'ogenda okutegeera, ge mazima agali mu muntu, kubanga Ggwe Mazima. Wulira kaakano, Kitaffe, nsaba. Bawe ekiro kino bangi ku bo wano, oboolyawo abatawanise mikono, balokolebwa, mu buli ngeri. Kituwe, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

72 Kati nga bwe tutudde mu buwombeefu akaseera katono. Nzikiriza nti obudde bugenze nnyo okubeera n'olunnyiriri lw'ab'okusabirwa, naye tujja kuba nalwo. Buli muntu, bw'oba ... ggwe, bw'oba ofunye kaadi, kwata kaadi yo. Bw'oba tolina kaadi, funayo emu. Twaali … Bwe tuba tulina okusigala wano okumala ennaku ttaano endala, tugenda kusabira buli omu ku bo. Ekyo kituufu.

Ndi mu kugezaako bugeza kuleeta Bubaka eri abantu. Ndi mu kugezaako bugeza kulaba... Bw'owona; oboolyawo, bw'owangaala ekimala, ojja kuddamu okulwala nate. Naye bw'olokoka, ofuna Obulamu Obutaggwaawo. Olaba? Osobola okuwona, n'ogenda mu kkubo lyo n'ofiirwa obulokozi bwo ... oyinza n'okufiirwa obulamu bwo; naye bw'olokoka, olwo obeera ofunye Obulamu Obutaggwaawo, obutaddamu kulwala nate.

73 Nneebuuza oba mutegedde ekiro kino kye mbadde njogerako, nti Katonda yalabikira Ibulayimu ne Saala eyo, n'abawa akabonero akasembayo, Malayika oyo, ng'okuzikirizibwa tekunnajja n'omwana eyasuubizibwa nga tannabaweebwa. Eri Ekkanisa, yo, akabonero ako, ke kaali okujja kw'Omwana. Eri ensi, kwali kuzikirizibwa. Kati, bye yakolera Ibulayimu nabo byali byakulabirako.

Yesu yajja ku nsi, Ezzadde lya Ibulayimu ow'obwakabaka, era n'akola akabonero ako. Bameka abamanyi ekyo bwe kiri, gamba nti “Amiina.” [Ekibiina kigamba nti, “Amiina!” — Omuk.] Tewali kubuusabuusa. Era ne bakigaana. Ekyo kituufu?

Kati, ekyo Teyakikolako eri Baamawanga, 'kubanga Ezzadde ery'obwakabaka yali tannafuluma, Ekkanisa yali tennazaalibwa. Naye Ekkanisa bwe yazaalibwa, era kati ebadde n'emyaka enkumi bbiri, awo wennyini ku ... Jjukira nti ekyo kyaliwo ku nkomerero y'okulinda kwa Ibulayimu. Okwo kwe kwali okuggalawo ensigo ey'obutonde okulindirira Masiya, 'kubanga Masiya yaliwo.

74 Kuno kwe kuggalawo kw'okulinda kw'Ezzadde ly'obwakabaka. Ali wano, okulabika kwa Kristo. Wali ogezezzaako okugabanya ... Waliwo ekifo mu Baibuli, omanyi, sifunye budde kugenda mu kyo, kigamba nti “okulabika kwa Kristo,” n'oluvannyuma “okujja kwa Kristo.” Ebyo bintu bibiri eby'enjawulo, byonna awamu, “okulabika” n'Okujja.“ Alabika kati, ng'akola naffe mu ngeri y'Omwoyo Omutukuvu, ng'agifuula etuukiridde, Ekkanisa. Kirina okuba.

Katugeze bw'oba olina olupapula lwa ddoola mu nsawo yo, lujjeeyo olabe. Ku ludda olumu y'envumbo y'Abamerika; ku ludda olulala y'envumbo y'e Misiri, piramidi ng'ejjinja ly'omutwe liri waggulu nnyo waggulu waayo, ng'eriiso eritunudde. Era lwaki ddoola ya Amerika yanditadde wansi awo, “Envumbo ennene”? Kirabikanga envumbo y, Amerika y'envumbo enkulu wano. Naye Gavumenti ya Amerika ekimanyi oba baagala oba nedda, akabonero akakulu.

Laba piramidi eyo nga bwe yeebumba, Ekkanisa. Okujjibwako omusango, okutukuzibwa, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'oluvannyuma kati ekyo kirina kivaamu ki ... Ejjinja ly'Okuntikko terijjangako ku piramidi, Lyagaanibwa, nga n'Ejjinja ly'Ensonda. Kati, naye Ejjinja eryo ery'Okuntikko bwe lijja ... Nze mbaddeko ku piramidi; ekwataganira ddala bulungi, tosobola wadde kugiyisaamu girita mu makkati, awali enkokoto. Era Ekkanisa bw'ejja, ekyo kiba ... Kristo bw'anajja okunona Ekkanisa Ye, Ekkanisa ejja kuba n'obuweereza bwe butyo ddala, era okuyita mu kisa ekyo ejja kusitula ekintu kyonna, olwo egende. Okujja kw'Ejjinja ly'Okuntikko; nga likaaba nti, “Ekisa, eri Mukama!”

75 Nnina kye nfunye mu birowoozo byange. Aleluya! Katonda waffe akyali Katonda. Abikkulira abaweereza be ebyama bye. Nayogedde ku Malayika eyakyusa omugongo gwe eri weema, era yali akubye weema omugongo, n'ayogera Saala kye yali alowooza munda. Ndagula nti Malayika oyo ali wano kati, Omwoyo Omutukuvu, Empagi y'omuliro y'emu, oyo y'omu eyali mu Kristo. Empagi ey'omuliro yakulembera abaana ba Isirayiri. Empagi y'omuliro yafuulibwa omubiri n'ebeera mu ffe. Yagamba nti, “Nva eri Katonda, genda eri Katonda.”

Oluvannyuma lw'okufa kwe, okuziikibwa, okuzuukira kwe, okulinnya mu ggulu, yasisinkana Sawulo mu kkubo erikka e Ddamasiko. Era Ekitangaala ne kimukuba wansi. N'agamba nti, “Mukama, Mukama!”

Yasooka kugamba nti, “Sawulo, Sawulo.” Ggwe ani... Lwaki Onjigganya?“

N'agamba nti, “Ggwe ani Mukama?”

N'agamba nti, “Nze Yesu.” Yali azzeeyo!

76 Ali wano ekiro kino, akakasiddwa Ekkanisa Ye, mu bya ssaayansi ne byonna! Oh, mikwano, lwaki tuli bayongobevu nnyo? Lwaki tutuula nga twekubagiza nnyo? Leka—Katonda eyayogera Ekigambo, Katonda oyo ... Nga Erisa bwe yayogera, eyakomawo n'omugabo gwa Eriya ogw'emirundi ebiri, n'azinga omunagiro, n'agamba nti, “Katonda wa Eriya ali ludda wa?” Katonda eyawandiika Ekigambo, akakase Ekigambo! Bwe kiba nga Kino Kigambo Kye, Ayimirire nakyo! Yasuubiza okukikola. Ajja kukikola bwe tunaakikkiriza.

Kati kino kankitegeeze bulungi. Si nze Muntu oyo. Ndi muweereza w'Omuntu oyo. Era naawe oli, bw'oba oli Ezzadde lya Ibulayimu.

77 Naye, nze nga mbuulira Ekigambo kye, era nga nnyimiridde mu lunaku buli kibiina lwe kingaanyi, ebibiina bingoba okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala. Era ab'oluganda ab'omuwendo bokka abali mu bibiina ebyo, abalaba Omusana, bajja kukinywererako awatali kulowooza ku kitebe kikulu kye kyogera. Katonda awe omukisa abasajja bwebatyo. Katonda awe omukisa abakyala n'abasajja abayimiridde ekiro ekikeesezza olwaleero. Kiki kye nnyinza okukukolera? Baako ekintu ky'ombuuza. Mbuuze eky'okukola, nja kukukolera kyonna kye nsobola. Muli bantu ba Katonda. Omusajja oba omukazi yenna ajja okukola okusalawo ng'okwo, wakati mu butakkaanya, nkussaamu ekitiibwa.

78 Kati singa oyo Malayika ... Mu Kigambo kya Yesu Kristo kyalagula, nti ng'Omwana w'omuntu tannajja, nti ekintu kye kimu ekyaliwo e Sodomu kyali kigenda kubaawo mu Kkanisa, Ajje alabisibwe.

Nja kukyusa omugongo gwange. Koteka omutwe gwo osabe. Tewali nsonga yonna lwaki kino nnandikyogedde singa mbadde sikulembeddwa kukikola. Nnandibadde musiru okwogera ekigamba ekiringo ekyo. Naye, okukkiriza Kristo Omwana wa Katonda, okukkiriza nti Ye Kigambo! Era Ekigambo kifuulibwa ekituufu mu mubiri gwaffe, bwe tutwala Ekigambo, kubanga kye kisuubizo kye, “Nja kubeera mu mmwe okutuusa enkomerero y'ensi, n'emirimu gye nkola nammwe.”

79 Nkyusizza omugongo gwange eri ekibiina, Kitaffe ow'omu Ggulu, be nbuulidde, ku Bubaka buno. Nkusaba Katonda, kitegeeze ekiro kino nti Okyali Yesu Kristo Omwana wa Katonda, era Ggwe okyali Yakuwa Katonda. Oli Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era yali Ggwe awo ng'oyogera ne Ibulayimu ku lunaku olwo ku weema. Yali Ggwe eyasobola okutegeera omukazi oyo kye yali alowooza mu weema, n'omugamba. Era mu kiseera ekyo kyennyini, okwegaana kwe, Wanditutte obulamu bwe, naye yali kitundu kya Ibulayimu, omugole we. Mukama, Wanditutte obulamu bwaffe, olw'obutakkiriza bwaffe, naye tuli kitundu kya Kristo. Tewanditutte, Saala nnotolumya Ibulayimu. Era Tosobola kutwala Kkanisa nayo — nga tolumiza Kristo. Nnyamba Mukama. Sirina buyigirize bwonna. Ndi bubeezi... Mukama, sirina kye nnina, wabula kukkiriza bukkiriza Ggwe. Era nzikiriza. Kiyambe, Mukama.

80 [Mwannyinaffe ayogera mu lulimi olulala. Mwannyinaffe omulala awa enzivuunula — Ed.] Amiina. Katonda omulamu yeebazibwe. Kati, Ye waali Beera muwombeefu, ssa ekitiibwa.

Osobola okusitula omutwe gwo bw'oba oyagala. Kati si kyokka ... Laba, Baibuli egamba nti okwogera n'ennimi kuba kwezimba kwokka, okuggyako nga waliwo okutaputa. Era bwe kivvuunulwa, obwo bunnabbi eri Ekkanisa. Era engeri gye ntegeddemu okuvvuunula okwo awo, kibadde “Kkiriza Mukama, Ye yatumye Ekigambo.” Era sijjangako mu linnya lyange, nzija mu Linnya Lye. Era emirimu Gye gy'Akola ng'ayita mu nze, ng'abuulira Ekigambo Kye n'okukakasa Ekigambo Kye. Butereevu. Ekyo nkikkiriza. Naawe okkiririza mu ngeri y'emu? [Ekibiina kigamba nti, “Amiina!” — Omuk.] Bameka abakikkiriza kati, nga Ye ...? Katonda akuwe omukisa. Kati, eyo y'engeri, eyo y'engeri. Kuuma eddaala eryo bulungi ojja kulaba nga waliwo ekigenda okutuukawo.

81 Ngenda kukyusa omugongo gwange eri ekibiina, kubanga oyo abadde Mwoyo Omutukuvu ng'ajulira ekyo kyennyini. Olaba? Beera mugumu era kiki ky'olina okukola. Kati omuntu yenna erudda eyo mu kibiina, okkiriza. Tewali muntu gwe nsobola okulaba ... Bameka ebweru abali abalwadde era abanyigirizibwa, oba abalina omuntu anyigirizibwa, oba ekintu ekirala ky'osaba, ng'era omanyi sirina kye mmanyi ku nsonga eyo, yimusa omukono gwo. Kale, ndowooza kirabikirawo buli wamu. Wamma, ka tukkirize kati. Tewabaawo, tewabaawo muntu yenna agenda, mumpeeyo... Ebuula eddakiika kkumi na bbiri okuwera essaawa nya. Mumpe eddakiika kkumi na bbiri, munnaazimpa? Tewabaawo muntu aseguka. Tewabaawo, wadde, muntu n'omu aseguka. Tuula butuuzi awo osirike kati. Omulundi gumu gwokka, ggulawo omutima gwo.

82 [Ow'oluganda ayogera mu lulimi olulala. Ow'oluganda omulala awa enzivuunula — Ed.] Amiina.

Weebale Mukama, weebale. Mu ngeri ey'ekitiibwa ekyo tukiwa ekitiibwa n'omutima gwaffe gwonna. Ekyo kirabo mu Kkanisa. Beera mu kusaba kwokka, mu buwombeefu.

Jjukira, lumu baali bagenda mu lutalo, baali tebamanyi ngeri ya kusisinkana lutalo luno olunene. Dawudi yali ayimiridde awo, n'agabana nabo ekitundu ky'ennyama n'olukoba olw'omwenge. Naye Omwoyo n'agwa ku musajja omu, n'alagula n'ababuulira we balina okusisinkana omulabe, era bwe kyali.

Tusisinkana olutalo olunene, ow'oluganda. Era tuyimiridde mu lutalo olunene mu kiseera kino. Omwoyo agudde era, ku muntu, era akugambye kyennyini eky'okukola, "okukkiriza." Agezaako okuggya ebirowoozo byo ku kubeera nze. Olaba? Abamu ku mmwe muteekwa okuba nga mulowooza nti y'Ow'oluganda Branham agezaako okubaako ky'akola. Si nze; ye Ye. Nze ndi... Ekirabo kubeera kwewaayo kwokka, nneweesika mu maanyi. Ng'akazindaalo akoogerebwako, kateekeko, walina okubaawo ekintu ekyogera okuyita mu kko. Kiringa kwongeramu kko maanyi, kantu katono. Omwoyo Omutukuvu! Sinze nkiteekako; Yakiteekako. Era awo N'ayogera; si nze. Kati mwewombeeke era mukkirize, buli omu ku mmwe, era musabe.

83 Kati, buli omu akimanyi nti Baibuli yagamba nti "Yesu Kristo mu kiseera kino ye Kabona Asinga Obukulu ayinza okukwatibwako okuwulira obunafu bwaffe." Bwe kiba nga kituufu, ekibiina kigambe nti, "Amiina." [Ekibiina kigamba nti "Amiina!" — Omuk.] Ye Kabona y'Omu Omukulu? Gamba nti, "Amiina." ["Amiina!"] Bw'aba nga Ye Kabona y'Omu Omukulu, Ajja kukola mu ngeri y'emu. Ekyo kituufu? ["Amiina!"] Amiina. Kati wandikoze ki?

Kati, okunkwatako, tekijja kukola njawulo yonna; Nze ndi muntu. Naye okumukwatako, olwo Ye Mwoyo Omutukuvu ali munda wano, olwo n'addamu n'akozesa emimwa gy'abantu. Kubanga, Ye Muzabbibu, ffe amatabi; Tabala bibala, Awa buwi ettabi amaanyi.

Ekyo, kankyuse bukyusi mugongo gwange, musobole okulaba ebintu bye njogedde.

84 Kati, bano abaweereza wano ku kituuti, bali mu kusaba. Osobola okuntunuulira bw'oba oyagala. Ekyo kirungi. Okusobola okulaba, musobole okumanya nti nabo... Mmwe, basumba, yemmwe abasumba endiga zino. Kale, ekyo kyokka musobole okumanya. Era njagala munsabire ab'oluganda. Cause, olaba kye ntegeeza? Nze nkiikirira Kristo yennyini gwe muweereza. Era ndi muganda wammwe, mutuuze munnammwe ow'Obwakabaka, wamu nammwe ab'oluganda. Era ndi bubeezi wano...

Laba, kati, kaakano Ekigambo kye mbuulidde, laba, kuba kusibawo. Mu kiseera kino, okulemererwa, ekyo Sitaani kye yandiyagadde okulaba. Ekyo kyokka ky'anoonya. Naye Katonda talemererwa. Just be reverent.

85 Kati nga nkyusizza omugongo, njagala omuntu ... Ka ngukyuse, okwetooloola. Ka nkyuke ku kitundu kino, okusooka, n'oluvannyuma nja kujja ku kitundu ekirala. Kati omuntu yenna oludda luno; waliwo bangi nnyo, nga, basaba. Okudda mu ngeri eno, omuntu asaba emabega wano kati, ayagala okukkiriza Katonda. Kkiriza n'omutima gwo gwonna, emabega wano awantu awamu.

Kati, Kitaffe ow'omu Ggulu, nze—nkusiima mu bubaka Bwo bwonna, byonna by'okoze. Kati nnyamba Mukama. Nze—ndi ... olw'okukkiriza, Nkukkiriza, Ekigambo Kyo. Nzikiriza nti Omwoyo Wo yeeyampita okukola kino. Kati leka kimanyibwe nti njogedde Amazima. Njulidde ku Ggwe, kati jjulira, Mukama, nti njogedde Mazima. Nkisaba mu Linya lya Yesu. Amiina.

[Mwannyinaffe ayogera mu lulimi olulala — Ed.]

86 Taata Katonda, tulinze okutaputa kw'ekyo. Wagamba, mu Baibuli, wajja kubaawo "emitendera essatu," era ogwo gwe gw'okusatu. Kati ffe — tusaba ekyo — nti Ojja kukimanyisa omuntu alina ebirabo by'okuvvuunula. Nkirekedde Ggwe, mu Linnya lya Kristo.

[Ow'oluganda awa obunnabbi — Ed.] Weebale nnyo Mukama.

Kati, obwo bubadde bunnabbi, so si kuvvuunula. Laba, ayogedde bingi okusinga omukazi by'ayogedde. Waliwo okuvvuunula okujja. Laba, omusajja oyo abadde nnabbi.

[Ow'oluganda awa enzivuunula — Ed.] Amiina. Weebale nnyo Mukama.

Butereevu emabega wange ...

[Mwannyinaffe mu kibiina atandika okusaba — Ed.] Katonda, omukazi omuwe omukisa, ky'akaabira. Kati beera na...

Kati beera muwombeefu kaakano, era okkirize n'omutima gwo gwonna. Kati, olw'Omwoyo Omutukuvu, nfuba okuleeta Ekigambo kye mbuulidde, me ekyo mw'Ajulidde nti kijja kutuukirira. Kati kiriza n'omutima gwo gwonna.

87 Waliwo omuntu ayimiridde mu maaso gange, atudde emabega wange. Era nga mukazi. Era

abonaabona n'ekizibu ky'omutima. Era alina alajje emutawaanya. Ali awo emabega wange. Singa omukyala aba tannayimirira ... Ekibiina kitunula; Nzibirizza amaaso gange. Ekirala alumizibwa ku lw'omwagalwa we, nga, oyo mwami we atudde awo kumpi naye; yagongobala, alina omuggo. Omukyala ono ayitibwa Mukyala Brumley. Kkiriza n'omutima gwo gwonna. Yimirira okkirize by'osabye, era ojja kufuna by'osabye. Yimirirako ku bigere byo. Ali waggulu? [Ekibiina kigamba nti, "Yee." — Omuk.]

Katonda akuwe omukisa. Omukazi simumanyi, simulabangako mu bulamu bwange. Ffembi tetumanyiganye buli omu mugwira eri munne? Waliwo ... [Omukazi agamba nti, "Yee." — Omuk.] Kati babuuze, genda obabuuze oba kituufu. Kati oba oyo si Katonda y'omu eyali wansi eyo mu maaso ga Sodoma, simanyi kiki ekyo.

88 Omuntu omulala mu kitundu kino kiriza kati n'omutima gwo gwonna. Mukama Yesu. Waliwo omukazi atudde emabega wange ddala. Alina obwagazi obw'amaanyi. Alina ky'asaba Katonda amuwe. Asaba, mwana. Ali wano wennyini emabega wange. Mukyala Holm, yimuka era okkirizze Mukama Katonda. Era bw'onookikkiriza n'omutima gwo gwonna, osobola okuzaala omwana gw'osaba.

Omukazi ayingidde, era nga mulema. Atudde mu kagaali k'abalema. Ali mabega wange. ssi wa mu kitundu kino eky'eggwanga. Aviira —ava mu Sacramento, mu bukiikakkono bwa Sacramento. Abadde mulwadde nnyo. Abasawo tebasobola kumuyamba. Abadde mu ddwaaliro. Alongooseddwa emirundi egiwerako. Alina obuzibu bw'ensigo, obuzibu ku magumba ge. Alina okutya kungi nnyo, okumuleetedde obuzibu. Ali bubi nnyo. Mukyala Beeler, awo, wanika omukono gwo waggulu okkirize nti Mukama waffe Yesu ... era ofuulibwe ... Katonda akuwe omukisa.

89 Ggwe okkiririza? Katonda akyali mulamu era afuga. Bw'oba okikkiriza n'omutima gwo gwonna!

Wuuno omukazi omuto, mmutunuulidde ng'atudde wano. Atawaanyizibwa n'obuzibu bw'ekyenda ekinene. Erinnya lye, simumanyi. Naye okkiririza nti Katonda asobola okuntegeeza ky'oli nnyabo? Mukyala Berglund. Gwe kkiriza n'omutima gwo gwonna, era osobola okuwona. Ggwe okkiririza.

Wuuno omukyala atudde wano wennyini, ng'asabira mukwano gwe eyaakagwa ku kabenje. Okkiriza n'omutima gwo gwonna, osobola okufuna ebyo by'osabye.

Waliwo omukyala atudde awo ng'alumizibwa omutwe. Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Osobola okukolebwa obulungi. Tobuusabuusa. Kkiriza kyokka. Bw'aba si Katonda y'omu, simanyi ky'ali. Ali wano oku -oku, bw'oba ojja kukikkiriza n'okikkiriza.

90 [Mwannyinaffe ayogera mu lulimi olulala. Ow'oluganda awa enzivuunula — Ed.] Amiina. Mutendereze Mukama.

Tosobola kukimanya nti oli mu Maaso ga Katonda? Kikole. Kati ndowooza kye tusaanidde okukola kati, oluvannyuma lw'Omwoyo okwogera nti, "Mujje gyendi, munzikirize, abantu bange," ndowooza nti tusaanidde okuyimirira ku kyoto okuyita kati kati, era tuleke abo ekyo abatamanyi Kristo yambuka okwetooloola ekyoto wano omukkirize ng'omulokozi wo. Bw'oba tolina Mwoyo Mutukuvu, naawe jangu, okufuna Omwoyo Omutukuvu, kubanga kigenda kutuukawo. Tojje kati nga bwe wabaawo akuba ku nnanga; waliwo agenda okukulembera okuyimba. Omwoyo Omutukuvu abadde ayogera. Katonda akuwe omukisa mwannyinaffe. Ekyo kituufu. Omuntu omulala jangu n'omukyala wano. Jjangu wano waggulu bw'oba oso... Katonda akuwe omukisa mwannyinaffe. Mu Kubeerawo, nga Baibuli, Ekigambo, okukakasa, ebirabo, buli kimu kikola, si kya kitalo mu kiseera kino? Jjangu okutuukira ddala ku kyoto. Kka wansi okuva mu kkalina. Ggwe atalina Katonda, nga tojjula Mwoyo, jjangu kati nga bwe tuyimba.

Yesu ayita mu kkubo lino, .
Mu kkubo lino, leero, .
Yesu ayita mu kkubo lino, .
Ayita mu kkubo lino leero.
Yesu ayita mu kkubo lino, .

Tojja kujja kati ng'ayitawo, Omwoyo we ng'atambula, ng'agamba nti, "Jjangu"?

… leero,
Yesu ayita mu kkubo lino, .
Ayita mu kkubo lino leero.

91 Tojja kujja nga Ye ayitawo? Laba by'akola mu mmwe, ng'alaga nti Ye y'omu. Tambula oveeyo, buli mwoyo Ogutamumanyi, ogutazaalibwanga nate. Tojja kujja kati okumunoonya? Jjukira nti Omwoyo Omutukuvu y'omu akumanyi.

... oludda luno leero.
Yesu ayita mu kkubo lino, .
Mu kkubo lino, leero, .
Oh, Yesu ayita mu kkubo lino, .
Ayita mu oludda luno leero.

Kati buli mwoyo gujje kati ogutamanyi Katonda, atakakasa wa wayimiridde. Jjangu wansi. Tokola—tobeera ... Toba na ndowooza ya magezi ku kyo, muganda wange, mwannyinaze. Ekyo tokikola. Oyinza okuba nga wamaze okukola buli kika kya kukyamuka kwonna. Oyinza okuba nga obadde n'omusaayi mu ngalo, mu maaso, oyinza okuba nga olina okukankana n'ebirala. Ebyo sibiwakanya wadde, kati, ekyo kirungi. Oyinza okuba nga wayogera mu nnimi, oyinza okuba nga wazina mu Mwoyo, era n'obula. Ekyo kituufu. Bulina kuba Bualmu obuzaaliddwa mu ggwe, obukwata Ekigambo kino ne Kibufuula obulamu obupya nate. Laba, Kristo ye Kigambo. Era bw'oba tonnafuna kukkiriza kuyingira mu Kigambo ekyo n'Okikkiriza, tojje kati.

92 Nga Ekkanisa ya Katonda, ng'Amataala ag'akawungeezi gatandise okwaka wansi, era n'—omuti gwengera; Katonda yagamba nti ajja kuzzaawo omuti ogwo, omuti ogwo gwe gumu ogwa pentekooti, ekika kye kimu eky'Okukkiriza, kye kimu buli kimu kye baalina, omuti ogwo gujja kuddamu okuzzibwawo; awatali ddiini, awatali kintu kyonna, kijja kujja mu maanyi amangu ngu ag'Omwoyo Omutukuvu, nga kiyigiriza Baibuli mu ngeri yennyini gye yakikola. Tulina gwe twasuubizibwa mu nnaku ezisembayo, omanyi, okujja okuzzaawo Okukkiriza okwo. Kale nzikiriza nti Ali wano ekiro kino, mu ngeri y'Omwoyo Omutukuvu. Jjangu kati, nga bwe tuddamu okuyimba, kale tujja kukakasa nti tukituuseeko.

93 Kati jjukira, singa omwoyo guno ... Mwe abantu b'Abapentekooti mazima ddala mukkiriza ebirabo byammwe eby'ennimi n'okuvvuunula! Bw'oba tosobola kukkiriza by'akoze wano, olwo kkiriza ennimi zammwe n'okutaputa, okw'okukuyita ku kyoto. Leka buli omu ajje. Bw'olaba ekyo kikola, kino kikola, Katonda akola, lwaki, oyo Katonda! Nga kisingako, wuuno Ekigambo wano nga Kikakasa, nga kigamba nti ago ge Mazima. Vaawo naawe. Omulundi gumu omulala kati, awo ojje kati.

Yesu ayita oludda luno, .
Leero, leero,
Yesu ayita oludda luno,
Ayita oludda luno leero.

94 Kati abo abakkiriza mu Katonda, abaweereza abatukuvu abatuufu era — n'abaweereza ba Kristo, bajje, nga batambula okuvaayo, nga bwe tuddamu okuyimba kati. Ssembera okumpi ne wolutaali, okwetooloola wano. Era tusabe nabo, nga tuli wamu. Naawe jangu. Tojja kujja wano? Sisobola kubatuukako, buli omu, n'emikono gyange. Njagala ggwe ojje. Abamu ku mmwe ab'oluganda abaweereza mugende wansi gye bali kati, musobole okubakwatako era mubateekeko emikono. Kaale. Ggwe amanyi Katonda, jangu, tambula ojje waggulu okwetoloola wano, abamu ku mmwe abakyala n'abakazi bano, ggwe omusajja n'omusajja ono. Jjangu waggulu wano kati. Kino kiragiro kya Katonda. Mugende waggulu kati, mmwe abantu. Ekyo, ky'ekyo, ekyo kye kiseera. Abamu ku mmwe bamaama abatya Katonda n'abamu ku mmwe ab'oluganda abatya Katonda, mujje waggulu okwetoloola wano kati musobole okubateekako emikono gyammwe, mu kukakasa, nga mubateekako emikono nti bajja kufuna Omwoyo Omutukuvu. Kaale. Kati, ky'ekyo. Ekyo ky'ekyo.

95 Kati, lwaki ozze? Kubanga okkiririza. Okakasa nti Katonda ali wakati mu ffe. Ali wano ekiro kya leero. Ali wano ng'akola mu bubonero n'ebyewuunyo ebinene.

Buli omu yenna, tambula osembere wano. Tambula osembere wano abantu basobole okuba n'ekifo ekiwerako. Semberera ddala kumpi. Waliwo abalala bangi abajja okuyita mu lukuubo. Tambula osembere kumpi.

Bameka mu kibiina abafaayo ku bantu bano abayimiridde wano kati, olw'obulokozi bw'emyoyo gyabwe, yimusa omukono gwo. Kaale. Kati leka ffenna wamu, tuwanike emikono gyaffe eri Katonda, tusabe.

96 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukuleetedde ekiro kino ekibiina kino, n'Omwoyo Omutukuvu wakati mu ffe, ali wano kati, ng'afuula Ekigambo Kye okuba ekiramu nate. Jjuza buli mutima, Mukama. Jjangu mu maanyi g'Omwoyo. Kituwe Mukama. Goba buli kutya, buli sitaani. Tambula mu maanyi ga Katonda, era ommaamire emmeeme zino. Mu Linnya lya Yesu Kristo, mbawaayo gy'Oli olw'ekitiibwa Kyo.

MESSAGE hub online

Byabuulirwa
William Marrion Branham
"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7

www.messagehub.info